# *Lwaki Yalina Kuba Musumba*

. . . ndowooza, ndi mubuulizi alandagga. Ate nga bwe sirina buyigirize, ndowooza si—siwulikika nga mubuulizi eri abantu abamu. Era sse—sseeyita na mubuulizi, ndi mupiira gwa sipeeya. Naye mpulira nti nnina Obubaka okuva eri Katonda, nga mu ngeri yange (nga y'engeri yokka gye nsobola okububuuliramu), ngezaako okubwanjula eri ensi. Era singa sinywerera ku Bubaka obwo, mba nja kuba muli wa nkwe eri Katonda era mba munnanfuusi gye muli. Omuntu ayogera ekintu ekimu ate n'akkiriza ekirala, obwo bubeera bunnanfuusi. Lubeerera tuteekwa kwongeranga mazima okuva mu mutima gwaffe. Kibeere nti abantu bwe batutunuulira, newankubadde tebakkiriziganya naffe, twagala tubeere abasajja n'abakazi abalimu ensa: nti twogera okuva ku ntobo y'emitima gyaffe, ekyo ekituufu ekiri mu mitima gyaffe.

2 Omwaka oguwedde, oba omwaka nga gumu emabega nga oguwedde tegunnaba, nnafuna omukisa okubuulira a—Abakristaayo . . . manya munsonyiweko, nnafuna omukisa okubuulira obubaka bwa Ssekukkulu, wano ku woteeri eyitibwa Ramada. Era nzikiriza nti nnabuulira ku ky'okuyigako, kirabika waali wano oba mu Phoenix, ekigamba nti: *Lwaki Besirekemu Ekinyoomebwa*? Era nzikiriza nti wano, omwaka oguwedde, we nnabuulirira ku: *Twalaba Emmunyeenye Ye Ebuvanjuba Era Kye Tuvudde Tujja Okumusinza.*

3 Kati, mukimanyi nti, tugenda ne tusoma Bayibuli, ne twewuunaganya ne tuba n'ebibuuzo ebyo ebya, "*Lwaki?*" Kale akawungeezi kano nnalowoozezza nti, singa munaasobola okuŋŋumiikiriza okumala akaseera akatonotono, ne musaba nange, nja kugezaako okubatuusaako obubaka bwange obwa Ssekukkulu. Katonda yekka y'amanyi gye tulibeera ku Ssekukkulu eddako, bwe waba wa kubaawo Ssekukkulu endala oluvannyuma lw'eno. Kati nga bwe kiri nti eno yandiba nga ye Ssekukkulu gye tusembyeyo okutuula awamu, okutuusa lwe tulituula ku mmeeza endala, era nga teribeera mmeeza kika kino, naye eribeera mmeeza kwe tuliriira wamu n'okunywa obuggya Okussa ekimu wamu Naye, mu Bwakabaka bwa Kitaffe ku nkomerero y'olugendo, kati leka tujje ku mmeeza eno akawungeezi ka leero tubutwale nga obubaka bwa Ssekukkulu bwe tusembyeyo okutuula awamu okulya, tubulye mu buziba bw'obwesimbu.

4 Akawungeezi ka leero njagala kubuulira ku ky'okuyigako ekitali kya bulijjo, naye oluusi Katonda omusanga mu bintu ebitali bya bulijjo. Akola ebintu mu ngeri etali ya bulijjo. Si mu ngeri eya bulijjo, wabula mu ngeri etali ya bulijjo, mu biro ebitali bya bulijjo, mu bifo ebitali bya bulijjo, Ye si wa bulijjo.

Era njagala kino. . . Mukama nga akkirizza, njagala okubuulira ku ky'okuyigako ekigamba nti: *Lwaki Yalina Kuba Musumba.*

5 Era kati nga tetunnayingira mu Kigambo, kye nzikiriza nti ye Katonda, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, era Kigambo n'aba awali Katonda, era Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli."

6 Nga bwe nnayogera, wiiki ewedde, manya wiiki eyaddirirwa ewedde mu Phoenix nti, "Kyakakasibwa nti waliwo abantu ab'oku nsi eno, abantu, abayita mu kizimbe kino we twogerera." Ekyo ttivi ekikakasa. Kiri mu mutendera mulala, amaaso gaffe ag'obutonde n'obusimu bwaffe obutaano tebuyinza kukyoleka. Ttivi terina kintu kyonna ky'ekola, yo ekola nga mukutu bukutu. Tewali kikolwa ky'okola ne kitakwatibwa ku lutambi emirembe gyonna, ka kubeere kunyeenya lugalo lwo, oba okutemya amaaso go. Nsobola okubeera nga nnyimiridde. . . Manya omuntu asobola okubeera mu Australia, nga alina ti—ttivi ye wano, si ekyo kyokka naye o—omuntu asobola okwogera, oba n'anyeenya olugalo lwe, oba n'atemya ku liiso lye, wamu ne langi y'engoye z'ayambadde, byonna bijja kukasukibwa wano eno ku kisenge; naye nga ali mu Afirika, oba mu Australia, oba mu kifo ekirala kyonna mu nsi. Mukiraba, waliwo okutambula kw'amayengo ago aga esa. Ssisobola kugannyonnyola, naye nkimanyi nti weegali. Ssirowooza nga waliwo omuntu yenna asobola okugannyonnyola. N'olwekyo, ttivi esobola okusika ekifaananyi kino n'ekifuula ekya nnamaddala nga yeeyambisa ebyuma ebitali bimu, ne baba nga basobola okukiraga ku kisenge.

7 Kati, ekintu ekyo kye kimu kyaliwo wano mu kiseera Adamu bwe yali wano. Ttivi yaliwo wano—mu kiseera Eriya we yali ku Lusozi Kalumeeri. Yaliwo mu kiseera Martin Luther, omusosodooti oyo omuto, bwe yasuula wansi akagaati akagabulwa mu kusembera n'agamba nti, "Kano kagaati bugaati! Naye omutuukirivu anaaba mulamu lwa kukkiriza." Ttivi yaliwo mu kiseera ekyo, naye kye tujje tugizuule jjuuzi. Bwe kityo bwe kiri n'era nti, wano wennyini we tuli akawungeezi kano waliwo Katonda, waliwo Bamalayika, waliwo ebitonde ebissukkulumye eby'obutonde bye tutayinza kulaba na kasimu kaffe ak'okulaba. Naye lumu biriba bya nnamaddala nga ttivi kaakano bw'eri eya nnamaddala, era biriba kintu ekya bulijjo. Kati, eyo y'ensonga lwaki nzikiriza Ekigambo.

8 Yesu yagamba nti, "Oyo yenna alyongerako ekigambo kimu bwe kiti ku Bayibuli eno, oba n'agitoolako Ekigambo kimu bwe kiti, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu."

9 Kale, kati leka tukoteke emitwe gyaffe, nga tetunnaba na kugisoma. Ya kitiibwa nnyo! Omuntu yenna alina amaanyi ag'omubiri asobola okugibikkula, naye Katonda yekka y'asobola okubikkula amakulu agagirimu.

10 Era kaakano nga tukotese emitwe gyaffe eri ettaka mwe twaggyibwa, era olumu mwe tugenda okudda, nneebuuza . . . Mu kaseera kano ak'ekitiibwa, nga tusemberedde Ssekukkulu, bwe wabaawo omuntu yenna wano awulira nga tasaanidde nga yandyagadde okujjukirwa mu ssaala eno, (nga tositudde mutwe gwo) osobola okuyimusa emikono gyo eri Katonda n'omugamba nti, "Nzijukira, ayi Mukama, ku Ssekukkulu y'omulundi guno"? Katonda abawe omukisa.

11 Kitaffe ow'omu Ggulu Omutukuvu ennyo era Ow'ekisa, Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, Eyaliwo okuva ku lubereberye, bwe waali tewannabaawo yadde emmunyeenye, oba atomu, oba molekyo. Ebintu byonna Wabikola okuyita mu Yesu Kristo Omwana Wo, era otuwadde buwa ebintu byonna okuyita mu Ye. Tukwebaza, akawungeezi kano, ayi Mukama, olw'omukisa guno gw'Otuwadde okukuŋŋaana awamu, okulabulwa wamu n'okuyigirizibwa Omwoyo Omutukuvu. Era Omwoyo Omutukuvu atwala Ebigambo Byo n'abitubikkulira, kubanga Yesu yagamba nti, "Ye Omwoyo w'Amazima bw'alijja, Alibajjukiza ebintu bino bye Njogedde era abalage n'ebigenda okujja."

12 Ayi Katonda, tewali n'omu mu makkati gaffe, wadde omuntu yenna ku nsi yonna, asaanidde okugezaako okuvvuunula Ekigambo Kyo, kubanga kyawandiikibwa nti, "Ekigambo kya Katonda tekiteekwa kuvvuunulwa muntu yenna mu ngeri ey'ekimpatiira." Na bwe kityo, ayi Mukama, tusaba nti Omwoyo Omutukuvu anaatuwa akawungeezi kano, buli muntu yenna, ekigera kye twetaaga okumatiza enjala eyo gye tulina mu mitima gyaffe okwongera okutambulira ddala ku lusegere Naawe. Tetugwanidde, tetuli balongoofu, tetusaanidde. Leka Omwana eyazaalibwa e Besirekemu, eyatambulira mu bulamu obusingirayo ddala okuba obutuukiridde, era nga ye muntu yekka eyali atuukiridde ku nsi, naye ne Yeewaayo okubeera omutango Asobole okutulongoosa ffe aboonoonyi abatali balongoofu tubeere n'enkolagana ne Kitaffe, kkiriza akawungeezi kano Omwoyo We Omutukuvu (okuyita mu kubuulira kw'Ekigambo) ekyo akitukolere.

13 Ayi Mukama Katonda, waliwo bangi abalwadde mu ggwanga leero, so nga waliwo eddagala erikyasinzeeyo okuba eddungi lye twali tukozesezza okujjanjaba, eddagala erisingayo okuba eddungi n'amalwaliro agasingayo okuba amalungi. Naye newankubadde tuvumbudde eby'ekitalo byonna bye tuvumbudde okuyita mu ssaayansi, naye endwadde zeeyongedde bweyongezi n'okusinga bwe kyali kibadde, kubanga waliwo ekibi kingi nnyo n'obutakkiriza okusinga bwe kyali kibadde. Tuyambe akawungeezi ka leero, ggwe Omusawo Omukulu, owonye abalwadde abali mu makkati gaffe.

14 Era otuwe Omwoyo, Omwoyo omutuufu owa Ssekukkulu. Mu kiseera kino lwe waliwo emikolo egy'ekikaafiiri, okusinza

emiti gya Ssekukkulu, emboozi ezaagunjibwa ez'o—omusajja ayitibwa Faaza Kkulisimasi, n'obumyu bwe tuyita obwa Paasika, n'emisono egy'enjawulo egy'okukola ssente ensi gy'eteekako ennyo essira, leka byonna bizzibwe ku bbali, ayi Katonda. Leka tuyingire mu Kristo Ekigambo, kubanga tukisabye mu Linnya Lye era ku lw'ekitiibwa Kye. Amiina.

15 Mbasaba mubikkule nange we tugenda okusoma mu Byawandiikibwa Ebitukuvu, enjiri y'Omutukuvu Lukka, essuula ey'o 2. Mwenna mumpulira bulungi?

Waliwo okutomeregana kw'amaloboozi kwonna mu buzindaalo buno? Abali emabega mumpulira bulungi? Bwe muba mumpulira bulungi, wabeewo ayimusa omukono. Weebale. Essuula ey'o 2 ey'Enjiri nga bwe yawandiikibwa Omutukuvu Lukka.

> *Awo olwatuuka mu nnaku ezo, etteeka ne liva eri Kayisaali Agusito, ab'ensi zonna okuwandiikibwa.*
>
> *(Okwo kwe kuwandiika okwasooka* okubaawo . . . *bwe yali nga y'afuga Obusuuli.)*
>
> *Bonna ne bagenda okwewandiika, buli muntu mu* kitundu *ky'ewabwe.*
>
> *Ne Yusufu n'ava e Ggaliraaya,* mu *kibuga eky'e Nazaaleesi, n'alinnya e Buyudaaya, . . . mu kibuga kya Dawudi, ekiyitibwa Besirekemu; (kubanga yali wa mu nnyumba era wa mu kika kya Dawudi:)*
>
> *Yeewandiike ne Malyamu gwe yali ayogereza, nga ali lubuto.*
>
> *Awo olwatuuka,* bwe yali *eyo*, *ennaku ze ez'okuzaala ne zituuka.*
>
> *Nazaala omwana we ow'obulenzi omubereberye, n'amubikka mu ngoye ez'obwana obuwere, n'amuzazika* mu *kisibo; kubanga tebaalaba bbanga mu kisulo ky'abagenyi.*
>
> *Era* waaliwo *abasumba mu nsi eyo abaatuulanga mu* ttale, *nga balunda* ebisibo *byabwe ekiro mu mpalo.*
>
> *Era, laba, malayika wa Mukama n'ayimirira we baali, n'ekitiibwa kya Mukama ne kibeetooloola nga kimasamasa: ne batya nnyo.*
>
> *Malayika n'abagamba nti, Temutya: kubanga, laba, ndeeta . . . ebigambo ebirungi eby'essanyu eringi, eririba eri abantu bonna.*
>
> *Kubanga leero azaaliddwa gye muli Omulokozi mu kibuga kya Dawudi, ye Kristo Mukama waffe.*
>
> *Era kano ke kabonero gye muli;* Mujja *kulaba omwana omuwere ng'abikkiddwa mu ngoye ez'obwana obuwere, nga* azazikiddwa *mu kisibo.*

*Amangu ago waaliwo* e. . .*Amangu ago waaliwo*. . . *ne malayika bangi ab'omuggye ery'omu*. . .*ggulu nga batendereza Katonda, nga bagamba nti,*

*Ekitiibwa kibe eri Katonda waggulu ennyo, ne mu nsi emirembe gibe ku bantu abasiimibwa.*

*Awo olwatuuka, bamalayika bwe baava gye baali okugenda mu ggulu, abasumba ne bagambagana nti, Kale tugende e Besirekemu, tulabe ekigambo kino ekibaddeyo, Mukama kyatutegeezezza.*

*Ne bajja mangu, ne balaba Malyamu, ne Yusuufu, n'omwana omuwere nga azazikiddwa* mu *kisibo.*

*Awo bwe baalaba, ne bategeeza ekigambo kye baabuulirwa ku mwana oyo.*

*Bonna abaawulira ne beewuunya ebyo abasumba bye baababuulira.*

*Naye Malyamu ne yeekuumanga ebigambo ebyo byonna, nga abirowoozaako mu mutima gwe.*

*Awo abasumba ne baddayo, nga bagulumiza nga batendereza Katonda olw'ebigambo byonna* bye *baawulira, ne bye baalaba, nga bwe baabuulirwa.*

Mukama ayongere emikisa Gye ku kusomebwa kw'Ekigambo Kye.

16 Kaakati, ki. . .Ekintu kino ekikulu lwaki kyabikkulirwa basumba? Ekyo kintu ekiyinza okutwewuunyisa. Nninawo wano Ebyawandikibwa bye nnawandiise, n'eby'okujulizaako ebitonotono bye ŋŋenda okugezaako okugoberera, mbannyonnyole ensonga *lwaki* mu ngeri esingirayo ddala gye mmanyi. Era ob'olyawo kino we tunaakimalira, Mukama olw'ekisa Kye, akawungeezi kano, anaggyawo ebibuuzo byonna bye tubadde nabyo ebya *lwaki*. Naye ya. . .Abasinga obungi ku ffe, ndowooza, twali tubadde n'ekiseera, lwe twebuuza lwaki ekintu nga kino ekisinga obukulu mu byali bibaddewo kyabikkulirwa basumba. Lwaki Kyabikkulwa eri basumba ne kitabikkulwa eri abaasomerera eby'eddiini ab'ekiseera ekyo? Be baali baatendekebwa okukiwulira. Era lwaki Kyajja ne kiyita ku bagagga, ne kijja eri abaavu? N'ekirala, lwaki kyayita ku bayivu n'abagezigezi, ne kijja eri aba wansi era abataasoma? Waliwo ebibuuzo ebitonotono ebya *lwaki* kyali bwe kityo.

17 N'ensonga endala gye nnyinza okwogera, mulabeeyo, omwana yazaalibwa Besirekemu. Nga Besirekemu mu nzivuunula y'Olwebbulaniya, nga bwe twakiraba wano emyaka nga giigyo egiyise, *Besirekemu* kitegeeza "ennyumba omubeera omugaati gwa Katonda." Era twakikakasa mu Byawandiikibwa, nti Yali tasobola kujjira mu kifo kirala kyonna. Besirekemu kyatandikibwawo Lakabu wamu ne—ne bba. Lakabu ye mukazi eyali malaaya omuduumizi omu okuva mu—mu ggye lya

Isiraeri, gwe yayagala, bwe baamala okuwamba Yeriko. Era olw'okukkiriza yakkiriza Obubaka bwa Katonda, mu mbeera ye mwe yali, era n'alokolebwa. Era okuva awo, Yoswa bwe yabagabanyiza ensi buli kika n'abawa buli kika we kirina okubeera, . . .

18 Era awo waliwo eky'okuyiga eky'amaanyi lumu kye nsuubira nti ndijja ne nkiyigirizaako e Tucson, ekya bamaama abo Abaebbulaniya bwe baabanga bazaala abaana abo. Maama oyo bwe yasindanga nga alumwa ebisa okusindika omwana oyo, yayitanga erinnya omwana oyo ly'anaatuumibwa era erinnya eryo lyamuteekanga mu kifo kye mw'alina okuba mu nsi ensuubize, mu kika kye. Ekintu ekikulu, Ekigambo kya Katonda kyonna kikwatagana bulungi. Bwe kitakwatagana, Ekigambo kya Katonda si kye kiba kitali mu kifo kituufu, wabula ebirowoozo byo bye biba bitakwagana na Kigambo. Kyo kikwatagana bulungi.

19 Kale, kati, Ye yali Omugaati ogw'Obulamu, nga bwe twakiyigiriza wiiki ewedde mu Phoenix, manyanga wiiki eyaddirirwa ewedde. Era nga bwe yali Omugaati gw'Obulamu, Yali tayinza kujja mu kifo kirala okuggyako mu "*nnyumba omubeera omugaati gwa Katonda.*" Era eyo ye yali ensonga *lwaki.* Kaakati, wano, Yesu yazaalibwa Besirekemu, era e Besirekemu waaliyo esinzizo, abakulembeze b'eddiini ab'amaanyi baabeeranga mu Besirekemu. Dawudi omusumba w'endiga eyali kabaka ow'amaanyi yazaalibwa Besirekemu, kitaawe Yese yazaalibwa Besirekemu, jjajjaawe Obedi yazaalibwa Besirekemu. Era, n'okuddirayo ddala emabega, yasibuka mu Besirekemu.

20 Era wano, Yesu Omwana wa Dawudi azaalibwa e Besirekemu, mu kitundu kyennyini omuli zi lutikko ennene. Kati abantu abo bwe baba baali baatendekebwa, era nga baali balindiridde Masiya okumala emyaka gino gyonna; waali waakayita emyaka enkumi nnya, kasookedde Masiya asuubizibwa okujja. Naye kati Masiya bw'aba yazaalibwa mu kitundu kyennyini omwali lutikko, kiki ekyabatwala waggulu eri mu nsozi eri ekibinja ky'abasumba b'endiga abataasoma, abatalina buyigirize bwonna okubawa Obubaka obukulu obwenkanidde awo, Obubaka obwasooka? Ne batuma abasumba! Ne batatuma bagezigezi na baatendekebwa, naye ne batuma abasumba. Kintu ekyewuunyisa, si bwe kiri? Naye wateekwa okubaawo ensonga *lwaki* kyali bwe kityo . . . Waliwo ekibuuzo *lwaki* bwe kityo, kati walina okubaawo eky'okuddamu lwaki kyali bwe kityo! Era tewali muntu amanyi kyakuddamu okuggyako Katonda. Ye yekka Amanyi eky'okuddamu eri ekyo.

21 Kati, mujjukire nti, Masiya yali mwali mu kibuga, nga yazaalibwa ali mu kibuga, mu kisibo; omwo mwennyini omwali zi lutikko ennene kabona omukulu, ne bakabona ab'amaanyi, n'abasomerera eby'eddiini, n'abagezigezi, n'abatendeke, bonna

mwe baali nga balindiridde Masiya. Era Wuuno wano, mu makkati gaabwe wennyini! Naye ate kiki ekyabatwala... erudda eri mu nsozi z'e Buyudaaya eri abantu abataasoma, abatalina kuyigirizibwa kwa ngeri yonna, abasingayo obwavu? Baalabika nga abataali bantu abatuufu okukola omulimo ogw'ekika ekyo, okubikkula Obubaka n'okubatuma okugenda okutwala Obubaka.

22 Mumanyi endowooza yange ku lwaki kyali bwe kityo? Eyinza obutakola makulu kiri awo, naye njagala mpiseewo endowooza yange: nze nzikiriza nti kyali bwe kityo lwa magezi ga Katonda, nti Yakimanya nti baali tebajja kusembeza Bubaka bwe butyo mu ngeri gye bw'ajjamu. Bwali tebugwa mu ebyo bye baayigirizibwa. Bwali bubyawukanako. Tebwali ekyo kye baali baatendekebwa okukkiriza nti bw'Alifaanana. Bwali bukontana n'entegeera yaabwe ey'enjigiriza y'eddiini. Okutendekebwa kwabwe kwonna, okusoma kwabwe kwonna kwaziimuulwa, kwafuuka okutaliimu nsa. Nzikiriza nti gaali magezi ga Katonda ye yakimanya nti tebaali ba kukkiriza Bubaka bwa ngeri eyo.

23 N'olwekyo Masiya yali wano, era waali wateekwa okubaawo omuntu akitegeera nti ye Ye. Era Yalina be yali amanyi abaali bateetabudde na bintu bya ngeri eyo. Kyali kya kumwanguyira okuleeta obubaka Bwe eri ekibinja ky'abantu abataasoma, okusinga bwe kyandimubeereedde okubuleeta eri ekibinja ky'abantu abeetabulatabula abaakalambira mu nkola zaabwe nga tewali kintu kyonna kiyinza kubakyusa, ka kibeere Ekigambo kya Katonda.

24 Era kati, mukwano gwange Omukristaayo, leka mbuuze ekibuuzo kino, n'obwesimbu bwonna n'okwagala. Nneewuunya oba nga singa Akola ekikolwa kye kimu akawungeezi kano, n'atusindikira mu mulembe guno Ekigambo ekisuubize ekyasuubizibwa eri omulembe guno, nneewuunya oba nga abantu baffe abaasomerera eby'eddiini, n'abasomesa, n'abagezigezi, Obubaka obwo tebandibusambazze mu ngeri y'emu nga ne bali bwe baakola mu kiseera kiri? Omuntu takyuka, naye n'Ekigambo kya Katonda tekikyuka. Ye Katonda atakyukakyuka, Takyuka!

25 Mulabeeyo, Bamalayika ne bajja...Bamalayika ne bajja ne bawa Obubaka bwabwe eri abantu ab'eddaala erinyoomebwa obwenkanidde awo, kyokka nga waaliyo abasajja (mu ndowooza y'ensi) abaalina ebisaanyizo ebyali bisingira ddala eby'abasumba b'endiga bano abaavu, abataasoma. Omusumba w'endiga ye yali omuntu asingayo okuba owa wansi mu bataasoma, yali teyeetaaga kuba na kintu kirala kyonna ky'amanyi okuggyako ebikwata ku ndiga ze. Yali teyeetaga kumanya kibalo. Yali teyeetaaga kumanya ngeri ya—ya kumenyaamenyamu atomu. Yali teyeetaaga buyigirize. Yali yeetaaga kumanya ekintu kimu kyokka ndiga ze, kye kyokka kye yali yeetaaga okumanya. Era Katonda, oyo Amagezi

ag'ekitalo, era Ensulo era ensibuko y'amagezi gonna, yasobola okulonda omuntu ow'ekika ekyo (manyanga, abantu, ab'ekika ekyo), n'ayita ku bayivu bonna abaatendekebwa obulungi ennyo abaali baatendekebwa okuba nga bamanyi Obubaka obwo. Ekyo kitegeeza ekintu kimu, nti baali baatendekebwa mu kintu ekikyamu. Yayita ku bantu ab'ebitiibwa bonna ab'omu nsi; waaliwo abantu ab'ebitiibwa, abayigiriza ab'amaanyi, Kayaafa kabona omukulu, n'abasajja abalala ab'ebitiibwa bangi, abayivu bonna aba Isiraeri, ebibiina by'amadiini byonna, na bonna abeenyumirizanga mu kuba nti baasomerera eby'eddiini, bonna Katonda yabayitako buli omu ku bo! Kati, ago ge magezi ga Katonda.

26 Mwetegereze, Eggulu erisingayo okuba Waggulu bwe lyayanguwa okussaamu ekitiibwa abasingayo okuba abanyoomebwa era abataasoma ab'ensi. Oyo atuula Waggulu Ennyo yakka wansi okweyoleka eri abasingayo okuba aba wansi ku nsi, nga ayita ku bonna abaali awo wakati okweyoleka eri abasumba b'endiga aba bulijjo; n'ajja okuwa abasumba b'endiga bano aba bulijjo Obubaka obusingayo okuba obukulu mu byafaayo. Waali wabaddewo ababaka bangi ab'amaanyi. Tusobola okulowooza ku biro bya Nuuwa, ne bannabbi, ne—ne bakabona ab'amaanyi, n'abalala, abaaliwo mu biro ebyayita. Abasajja ab'amaanyi abayivu, bakabaka, abakulembeze, abafuzi, naye wuuno Ajja nga aleese Obubaka obusingayo okuba obukulu. Obubaka bwali bugamba butya? "We twogerera Masiya ali wano!" Mukiraba? Era okusobola okububategeeza, Yayita ku abo bonna abaali baatendekebwa, asobole okubutegeeza abasumba abatalina kye bali.

27 Kirowoozeeko: abakulembeze b'eddiini bonna, bannakkanisa bonna, abayigiriza bonna, okuyigiriza kwonna okwa—okw'amatendekero g'eby'eddiini, ssente zonna ezaali zaasaasaanyizibwa, amakanisa gonna, n'enjigiriza zonna, n'ebibiina by'amadiini, byonna yabiyitako! Okusoma kwonna kwe baali basaasaanyizaako ssente mu—mu baminsani bonna, n'okukyusa abantu, obwa mmemba bwonna, na buli kimu kyonna kye baalowooza nti mu kukikola baali bassaamu Katonda kitiibwa, kyokka Obubaka obwali busingirayo ddala okuba obukulu ne bubayitako. Kyewuunyisa! Lwaki? Mukiraba?

28 N'ekirala mulabeeyo, si ekyo kyokka, naye ne kibaawo mu kifo ekyali kitasuubirwa n'akatono kubeeramu kintu nga ekyo. Kati, abasumba, be baafuna Obubaka. Era mwetegereze Obubaka gye bwali: mu kifo omuntu yenna gy'atayinza kubusuubira kujja. Era nneewuunya, akawungeezi ka leero, bwe tuba baakunoonya Bubaka bwa Mukama waffe Yesu bwennyini, nneewuunya oba Tebwandisangidde mu kibinja gye butasuubirwa kuba, ekifo eki. . .abantu abakulu, abagunjufu ab'omu nsi n'ekkanisa ya leero kye bayinza okuyita ekibinja ky'abantu a—a, oo, abayigiriza ebikyamya? Nneewuunya

oba ekyo si ky'ekifo gye twandimusanze? Ekifo omuntu yenna ky'atayinza kulowoozaako, era eri aboogeezi abatalina bumanyirivu. Abasumba baali tebalina kye bamanyi ku bya kwogera, okuggyako okuyita endiga; naye, ob'olyawo y'ensonga lwaki Bwajja gye bali.

29 Naye waaliwo Ekigambo ekyali kyasuubizibwa. Mulabeeyo, kisobola okuddamu ne kibaawo.

30 Kyayita ku bakungu abaali mu ggwanga lyonna. Kyayita ku bakungu bonna, ne kibikkulirwa abatalina kye bali. Abakungu bonna abaalina ebitiibwa bya—bya ddiguli z'obwa dokita mu by'eddiini ne—n'endowooza z'abantu, ne—n'obuyigirize obwa waggulu, ne zi lutikko ennene na buli kimu, byonna kyabiyitako ne kibikkulirwa eri abatalina kye bali. Amagezi, amagezi ga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna agataliiko kkomo ge gaakikola, okubabikkulira Obubaka obwali bukyasinzeeyo obukulu obwali bubaddewo nti, "Kaakano Masiya ali ku nsi." Nga magezi ga kitalo! Gaali gayinza kuva eri Katonda yekka oyo amanyi amagezi! Amagezi gonna n'okusoma kwonna, na buli kimu kyonna, byafuulibwa kasasiro amagezi ga Katonda ag'ekitalo ne gabiyitako. Ekyo nkiddiŋŋaana kubanga njagala kinnyikire buziba. Byonna byafuuka kasasiro, nga tebikyalina mugaso. Byonna yabiyitako amagezi ga Katonda gasobole okuba n'enkizo, okulaga nti Katonda akwata ebitalina kye biri n'abifuula eby'ensonga.

31 Tusobola okusooka ne tukoma wano ne twogera ku Yokaana. Tusobola okuyimirizaamu ne twogera ku Eriya. Tewali muntu yenna amanyi Eriya gye yava. Ekintu kyokka kye bamanyi kiri nti, yajja buzzi. Bannabbi abaali babaddewo okuyita mu mirembe egy'enjawulo, tebaalina kye baali. Naye Katonda yakozesa ab'engeri eyo. . .n'ayita ku—bukungu bw'ekkanisa, n'enjigiriza, okusobola. . .okulaga nti Ye Katonda. Addira ekintu ekitalina kye kiri, n'abaako ky'akikozesa eky'ensonga. Alaga amagezi Ge n'Obwakatonda Bwe nga akola bw'atyo, nti Akozesa ebyo ebitalina kye biri. Bwe Yakola omuntu ku lubereberye, Yatoola butoozi kitole kya bbumba n'akikolamu omuntu. Ekitole ekitaalina kye kiri okuggyako okubeera ebbumba, naye Yakikolamu omuntu. Era Katonda ne kaakano akwata ebyo ebitalina kye biri, asobole okubaako ky'abikozesa eky'ensonga. Era kasita tuba nga tukyelowooza nti tulina kye tuli, tetuyinza kukozesebwa mu mukono gwa Katonda. Tuteekwa okwerekereza byonna bye tumanyi oba bye twayigirizibwa. [Ow'oluganda Branham agogola emimiro gye—Omuk.] (Munsonyiweko.) Nga Omutukuvu Pawulo ow'amaanyi, yagamba nti yalina okwerabira byonna bye yali yayigirizibwa, asobole okumanya Kristo.

32 Okusoma kwonna kwe baasoma, okuyigirizibwa kwonna kwe baayigirizibwa n'ebirala, byayongera kubakola bubi. Byakomekkereza bimusambazze! Ebyo byennyini bye baali

baayigirizibwa *ebimukwatako*, basobole okumukkiriza, ate byamwefuulira ne bifuuka omulabe We asinga, ne bimukomerera!

33 Mukimanyi nti ebyafaayo byeddiŋŋana buli luvannyuma lwa kiseera? Ago mazima agaakakasibwa. Kisobola okuddamu ne kibaawo wano wennyini wetuli. "Ha," oyinza okugamba nti, "Nze singa nnaliwo mu kiseera ekyo, . . ." Naye, kati, bw'oba oyagala okumanya kye wandikoze mu kiseera kiri, weetunuulire ky'oli kati; ojja kulaba kye wandikoze mu kiseera kiri, kubanga kikyolekera ddala bulungi.

34 Baatendekebwa okukkiriza Ekigambo Kye, naye ate Ekigambo Kye bwe kyakakasibwa gye bali ne bakyerabirako n'amaaso gaabwe gennyini, ate Ekigambo ekyo ekyakakasibwa ne bakisambajja. Katonda bwe yakakasa kye Yali ow'okukola, bwe yayogera kye Yali ow'okukola, era n'akakasa kye Yali ow'okukola, ate ne beefuula omusajja ono ne bamuyita "omuzimu" (ekyabaviirako okukolimirwa bonna). Lowooza ku kintu ekyo ekyabaawo! Lowooza ku kiki ekyabaviirako ekyo; okutendekebwa kwabwe kwabaleetera obutategeera Kigambo kyennyini bwe kyayambala omubiri mu kiseera kyabwe; okutendekebwa kwennyini kwe baafuna mu matendekero gaabwe, okuva eri abayigiriza abasingayo obulungi.

35 Kati muyinza okugamba nti, "Naye, ffe ekyo leero tetuyinza kukikola." Abayigiriza baabwe baali basukkulumye okusinga abaffe be tulina leero (manyanga, baali basingira wala abayigiriza baffe), naye baalemwa. Tebaalina bibiina bya madiini lwenda mu kyenda mu mukaaga eby'enjawulo nga bye tulina leero. Baalina nga bisatu byokka. Naye ne mu ebyo ebisatu, londoola ebisatu ebyo, tewali n'ekimu ku ebyo ebisatu ekyakitegeera! Ekyo kiraga nti omuntu ky'akola bubeera busirusiru eri Katonda. Mukiraba?

36 Kaakati, baalemwa okukitegeera. Kaakati . . . Era bajja kuddamu bakole ekintu kye kimu.

37 Omuntu . . . ekigendererwa kiba kirungi, bulijjo kiba kirungi. Era enkola y'omuntu tekyuka, amakubo ge tegakyuka nnyo kiri awo; njogera ku muntu ow'ensi. Omuntu bulijjo atendereza Katonda, omuntu munnaddiini, olw'ebyo bye Yakola, era bulijjo asongera abantu ku ebyo by'Agenda okukola, naye ate n'abuusa amaaso ebyo by'Akola kati! Mukiraba? Omuntu bw'atyo bw'ali, bw'atyo bwe yakolebwa, bw'atyo bulijjo bw'abadde. Era mmwe abasomi ba Bayibuli akawungeezi kano mukimanyi nti ekyo bwe kityo bwe kiri okusinziira ku Kigambo, "kituufu." Lubeerera atendereza Katonda olw'ebyo bye Yakola, n'ayogera ku ebyo by'Alikola, naye n'abuusa amaaso by'Akola mu kiseera eky'obuliwo. Bw'atyo omuntu bwe yeeyisa.

38 Ensonga lwaki kino baakikola, abayigiriza, nze nga bwe ndowooza kati: Ekigambo baali baakivvuunula, kubanga

bonna baali bakkiririza mu Masiya eyali agenda okujja. Isiraeri yonna baali bakikkiriza, ne leero bakyakikkiriza. Naye ensonga lwaki tebaamutegeera nti ye *Ye*, Obubaka Bwe bwali tebukwatagana na ntegeera yaabwe ey'eddiini. Bo. . . enzivuunula yaabwe gye baalina ey'Ekigambo, Masiya teyeeyoleka nga bwe baali baakivvuunula nti bw'atyo bw'Alijja. Kale, n'olwekyo, tebaamutegeera nti ye Ye kubanga Kyali tekikwatagana na nzivuunula yaabwe. Nga bwe nnagamba, era nkiddamu nate nti, "Katonda teyeetaaga muntu yenna kuvvuunula Kigambo Kye. Ye yevvuunulira Ebibye."

39 Kati, Bayibuli egamba. . . Leka mbakakase nti ago ge Mazima. Isaaya nnabbi, emyaka lusanvu mu kkumi n'etaano nga kino tekinnabaawo, Isaaya nnabbi yagamba nti, "Omuwala embeerera aliba olubuto, era alizaala omwana." Awatali kubuusabuusa buli omu eyaliwo mu mulembe ogwo yalowooza nti muwala we y'anaabeera omukazi oyo, kubanga Isaaya yakyogera. Naye, mulabeeyo, kyabaawo luvannyuma lwa myaka lusanvu. Naye bwe. . . Katonda teyeetaaga muntu yenna kuvvuunula Kigambo Kye, ddi lw'Alikikola, oba engeri gy'Alikikolamu. Yagamba nti Alikikola, era Yakikola!

40 Katonda yasuubiza nti Ye, era, mu Isaaya, nzikiriza essuula eya 28, nga ku lunyiriri olwa 18, era ne mu Yoweeri 2:28, nti mu nnaku ez'oluvannyuma, emyaka enkumi ebbiri egisembayo, Alifuka Omwoyo We ku bonna abalina omubiri. Yagamba nti, "Batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula. Abalenzi bammwe baliraba okwolesebwa. Abakadde bammwe baliroota ebirooto." N'ebintu ebirala by'Alikola, Isaaya n'agamba nti, "Ndyogera n'abantu bano n'emimwa emigenyi era n'ennimi endala, era kino kye Kiwummulo." Naye tebaakiwulira. Baanyeenya bunyeenya mitwe gyabwe ne bakiyitako. Yagamba nti, "Emmeeza za Katonda zonna zirijjula ebisesemye, era tewaliba kintu kyonna kirongoofu." Era ekyo bwe kiba nga si kye kyali ekifaananyi kya Yerusaalemi, n'ekkanisa ey'ekiseera ekyo Masiya we yajjira, kye kifaananyi ekiriwo ne leero. Kyeddiŋŋaana bweddiŋŋanyi.

41 Kaakati, Katonda bw'agamba nti alina ky'Ajja okukola, Yakikola. Ka kibeere kiki omuntu omulala yenna ky'akirowoozaako, oba kiki omuntu yenna ky'agamba, Katonda bw'abaako ekintu ky'ayogera, Avunaanyizibwa okwevvuunulira Ekigambo ekyo. Era bw'Akakasa Ekigambo olwo abeera Akyevvuunulidde. Mwetegereze, bwe yakakasa Obubaka bwa Masiya We. Yasuubiza Masiya ky'alikola bw'Alijja. Era bwe Yajja. . .

42 N'abasajja abagezigezi abaali mu buvanjuba bwe baatunula ebugwanjuba bw'obukiika obwa ddyo, okuva we baali e Babulooni, ne balaba emmunyeenye ey'ekitiibwa. Mubadde mukimanyi nti tewali byafaayo byonna, awantu wonna, ebigamba nti waliyo ekifo kyonna gye beekkaanyiza

eby'omubwengula (gye baakozesanga e—e—emmunyeenye okumanya obudde, awaali abasajja abakenkufu abaasomanga emmunyeenye zino). . . Tewali byafaayo byonna bigamba nti waliwo n'omu ku bo eyalaba emmunyeenye eyo. Lwaki? Tekyabaweebwa, si kye baali banoonya. Naye abasajja bano abagezigezi baali bakimanyi nti walibaawo Emmunyeenye ya Yakobo erigolokoka, era baali bagirindirira, era Yayita okuva mu kiseera Yesu kye yazaalirwamu e Besirekemu. . .

43 Kati, nkimanyi obulombolombo bwaffe obw'Ekikristaayo, bulinga amakanisa gaffe, ebintu babitegeera kifuulannenge. Ofuluma wabweru wano n'olaba abagezigezi nga bajja okusinza omwana omuwere; mu Byawandiikibwa temuli kintu kya ngeri eyo. Baatuukayo luvannyuma lwa myaka ebiri, nga bayita mu nsenyi n'okusomoka Omugga Kidekeri. Tebajja kusinza mwana muwere, wabula omwana omuto ow'emyaka nga ebiri. Lwaki kyali nti, mu kiseera kye kimu, Kerode yatta abaana abato bonna okuva ku myaka ebiri okudda wansi? Asobole akutwaliramu Masiya. Mukiraba, ba. . . Katonda yali akakasizza okuyita mu Kigambo Kye.

44 Era abasajja bano abagezigezi bwe baatuuka e Yerusaalemi. . . Emmunyeenye yabakulembera n'ebaleeta mu kibuga ekikulu eky'eddiini mu nsi yonna, Yerusaalemi. Era olwali okuyingira bati emiryango egyo, emmunyeenye eyo (esukkulumye eby'obuntu eyajja ebakulembedde) n'egaana okwongera okubalagirira. Ne bambuka nga bwe bakkirira bwe badda eno n'eri mu nguudo abasajja abambadde obulungi, abagagga abalina eŋŋamira ezaaliriddwako engoye, n'ebirala byonna. . . ne badda eno n'eri mu nguudo nga bwe babuuza nti, "Ali ludda wa Oyo eyazaalibwa Kabaka w'Abayudaaya. Twalaba emmunyeenye Ye ebuvanjuba." Naye ekibuga ekyo ekikulu eky'eby'eddiini, nga waakayita emyaka ebiri kasookedde abasumba baweebwa Obubaka, tebaalina kya kuddamu ku nsonga eyo yadde okuba nti balina kye bagimanyiiko kyonna. Obukulembeze bw'ebibiina by'amadiini bwonna tebwalina kya kuddamu.

45 Ne kitawaanya olukiiko olukulu olw'Abayudaaya, ne bayita abawandiisi okujja basome. Bwe batyo ne basoma ebyo Mikka, nnabbi bye yayogera ebyali bigamba nti, "Naye ggwe Besirekemu, si ggwe asingayo obutono mu balangira ba Yuda (asingayo obutono), naye mu ggwe mwe muliva aliba omufuzi alifuga abantu bange, Isiraeri." Naye Ebyawandiikibwa ne bwe byasomebwa (nga n'okukakasibwa bikakasiddwa mu maaso gaabwe), era tebaakikkiriza, newankubadde Ekyawandiikibwa kyakyogera. Mbuusabuusiza ddala oba nga leero bandikikkirizza, singa Ebyawandiikibwa ebyasuubizibwa eri ekiseera kino bimala ne birabisibwa. Nnyinza obutaddamu kubuulira gye muli, naye kino njagala mukifune. Era tebandikkirizza!

46 Amagezi ga Kitaffe ag'ekitalo gafuula amagezi g'omuntu okuba obusirusiru obusingayo n'Afuula omuntu atalina ky'ali. Eky'amazima omuntu abaako w'atuuka amagezi ago ne gamuleetera okuwulira nga aswadde nnyo, era n'awulira nga si mukulu ekimala okukkiriza nti ali mu "nsobi." Asigala akalambidde ku bibye, Kitaffe ne bw'akakasa Ekigambo Kye okwenkana wa nti kituufu era nti Akola ekyo kyennyini kye Yasuubiza okukola. Omuntu asigala alowooza nti amagezi ge ga waggulu nnyo ku ga Katonda, kale bwe kitajja kusinziira ku magezi ge nga agamba nti, "Kitegeeza, si ky'Ekyo." Bwe kityo bwe kiba mu buli mulembe, era akyakikola. Kati, mulaba ensonga yonna bw'ekwatagana obulungi?

47 Nga kwali kuluŋŋamizibwa okw'amaanyi okwajja eri abasumba abo! Bamalayika okukka wansi okwogera eri abasumba, Bamalayika ba Katonda okujja okwogera n'ekibinja ky'abasumba.

48 Simanyi oba mwali mufunye ku kakisa ak'o—ak'okwogerako n'omusumba oba okubeerako naye, okumala akaseera? Bw'oba wali okafunye, ssa—ssaagala kukyogera olw'ekyo kye nnaatera okwogera mu kaseera katono naye omusumba abeera nnyo n'endiga okutuusa lw'atandika okuseka nga endiga (engeri gy'ekaabamu), n'ayogera ng'endiga, era n'awunya ng'endiga. Bwe kiri, kubanga abeera na ndiga. Kye kintu kyokka ky'amanyi, z'endiga ze.

49 Kaakati, Ekigambo eky'Amazima ekikakasiddwa. Abasumba bano, abasajja abeetowaze, abataasoma. . . Nga kya kitiibwa, nga kituukanira ddala bulungi omusumba okufuna obubaka bw'endiga ezaaliddwa. Bwali tebuyinza kujja eri muntu mulala yenna okuggyako omusumba. Y'ensonga lwaki Yazaalibwa mu kisibo, n'atazaalibwa mu nyumba. Endiga tezizaalibwa mu nnyumba, oba mu kisenge ky'eddwaliro ekiyooyooteddwa ekirabika obulungi. Mukiraba? Zizaalibwa mu kisibo, na ku ttale.

50 Y'ensonga lwaki *Yakulemberwa* bukulemberwa okugenda e Kalivaaliyo. Endiga tosobola kigireetera kutambula ku bwayo yokka okuyita mu lukuubo olugituusa w'enattirwa. Ekyo mubadde mukimanyi? Mu bifo gye babaagira ebisolo, babaayo n'embuzi y'ekulembera endiga. Era yo bw'etuuka awabaagirwa, nga ebuukayo nga ereka endiga nga yeeyongerayo. Endiga erina kukulemberwa, teyinza kwekulembera. Kale, n'olwekyo, yali alina kuba musumba okujja anone. . . endiga ye. Bwe baasanga Katonda-omwana omuwere awo wennyini omubaka we Yagamba nti w'anaabeera, era bwe baalaba Obubaka bw'omubaka buno mu mmanvu, wennyini Malayika we yagamba nti w'Anaabeera.

51 Kati, mpulidde ku bantu abagamba nti, "Malayika yayogera nange, Yagamba, '*bw'ati* ne *bw'ati*.'" Oluusi kuba kwepampalika;

naye mpulidde ku bantu abagamba mbunno Malayika yayogera nabo, n'abagamba "*bw'ati* ne *bw'ati*" naye nga bye boogera bikontanira ddala n'Ekigambo. Kati, ekyo Malayika ayinza atya okukikola? Tekisoboka n'akatono. Era Katonda bw'aba yakugamba nti ekintu *bwe kiti ne bwe kiti* kijja kubaawo (nga *ogamba* nti Ye yakugamba), naye ne kitabaawo, kitegeeza eyayogera naawe teyali Katonda. Ekyo mukijjukire nti, bwe kiri. Katonda talimba. Tasangibwa mu bulimba.

52 Bwe baasanga Omwana omuwere, nga kiteekwa okuba nga kyabaleetera essanyu eritagambika. Kubanga Malayika eyabawa obubaka, omwana baamusangira ddala nga Malayika bwe yabagamba nti bw'anaabeera, era mu kifo kyennyini Malayika we yabagamba nti w'anaabeera. Ekyo nga kyali kintu eky'enkukunala gye bali!

53 Mu mmanvu, lwaki? Mulaba abasumba bano bwe kyabanguyira okubeera mu kisibo? Mulowooza eyasomerera eby'eddiini kyandimuyisizza kitya okubeera munda eyo? Yandikutte ku nnyindo ye, n'agamba nti, "Munzigye mu kifo kino." Mukiraba? Yandiwulidde nga talina mirembe, yandibadde munakuwavu.

54 Naye, mukiraba, bo "baakiwuliriramu emirembe" nga abasumba. Katonda amanyi awatuufu gy'alina okusindika Obubaka Bwe. Mukiraba? Bwe kiri ddala. Mu mbeera eno abasumba mwe baali, mu kisibo kyabwe nga bali wamu n'Omwana gw'endiga gwabwe, Obubaka obukakasiddwa bwe baali bawulidde. Nga kirungi nnyo! Mu kubeerawo kwa Masiya, Ekigambo ekikakasiddwa eky'Obubaka bwabwe. Abasumba bwe baawulira nti Masiya ali ku nsi era ne bajja mu Kubeerawo Kwe, mu mbeera yennyini mwe babeera, ne basanga nga Obubaka butuufu, ne bukakasibwa mu kifo ekyo, abasajja abo nga bateekwa okuba nga baawulira bulungi okukizuula nti Katonda yali abakoledde ekintu kino eky'ekitalo!

55 Kubanga, abayivu emirembe gyandibaweddeko bwe bandibadde mu kifo ekifaanana bwe kityo, mu mbeera nga ezo, bandivuddeyo mu bwangu obw'ekitalo. Lwaki? Omubaka okujja eri abasumba b'endiga aba bulijjo. Ob'olyawo baali tebasobola na . . . bano . . . Abamu ku basumba bano bandiba nga baali tebasobola yadde okuwandiika amannya gaabwe, mbuusabuusiza ddala. Mumanyi omusumba w'endiga Yesu gwe yalonda bwe Yali ku nsi, okulunda endiga Ze, "Peetero, onjagala, okusinga bano?"

56 "Weewaawo, Mukama wange, Omanyi nga nkwagala."

57 "Liisa endiga Zange." Era Bayibuli egamba nti Peetero yali musajja ataasoma era atalina buyigirize. Era akyalonda basumba ba ndiga.

58 Bammemba b'ekkanisa ab'ebiro ebyo, ne bakabona, n'abantu abatendeke ab'ebiro ebyo emirembe gyandibaweddeko

munda mu kisibo. Kati, sikakasa bulungi oba nga bangi ku mmwe musobola okutegeera (ob'olyawo, mmwe ababeera mu kibuga) oba mutegeera ekisibo ky'omu Buyudaaya bwe kyali kiwunya, ne bwe kyali kifaanana, nga ebisolo biri munda mu kisibo ekyo, ne bwe kyandibadde. Mbakakasa, abamu ku bantu ab'omutindo ogwa waggulu bano ab'ensangi zino emirembe gyandibaweddeko, teba—tebandisusse na ku luggi kuyingira munda. Naye kyasanyusa Katonda, okuyita mu magezi Ge agataliiko kkomo, okukibikkulira abo abasobola okukisembeza. Abayivu, n'abasajja abagezigezi ab'ebiro ebyo mazima tebandikisembezza. Bandiwulidde nga baswaala okukamala okusangibwa mu kifo bwe kityo.

59 Kubanga, okusooka kwa byonna, bwe bandizzeeyo mu kkanisa yaabwe, ne babagamba nti baagenze mu lukuŋŋaana olw'ekika ekyo, ne bakkiriza ekibinja ky'abasumba abataasoma abaaleese ekintu ekitali kya bulijjo nga ekyo, bandigobeddwa mu kkanisa yaabwe. Baandigobeddwa mu kitundu ky'e Besirekemu, bwe bandisangiddwa nga bawuliriza ekibinja ky'abasajja abataasoma nga abasumba bano bwe baali. Mazima ddala, bandiswadde. Singa baakolagana n'abantu nga bano abanyomebwa, ne ba. . . ne bakkiriza enjigiriza ez'obulimba nga ezo mbu Katonda yaleeta Obubaka Bwe eri ekibinja ky'abasumba abataasoma, so nga buli kimu baali baakyetegekera. Bandifiiriddwa enkolagana yaabwe, bandiggyiddwaako ebiwandiiko byabwe, era tebandizzeemu kussibwamu kitiibwa mu bibiina byabwe eby'ekiseera ekyo; olw'okukolagana n'ekintu eky'engeri eyo, ne batakolagana na ndowooza erimu magezi.

60 Kabona yandibabuuzizza nti, "Muyinza mutya!" "Muyingira mutya mu watukuvu wange wano n'enjigiriza eyo enkyamu, n'obusirusiru obwenkanidde awo, mbu abasajja abataayigirizibwa ab'omu nsiko abali eyo abata. . . abataagenda ku. . . abataatuukako wadde mu kibiina ekisookerwako. Ne mukkiriza obubaka obw'ekika ekyo, mbu, 'Malayika yakka wansi n'ayogera nabo'?"

61 Naye watya ssinga omusajja yamwanukula n'amugamba nti, "Obubaka bwe nnabulabye nga bukakasiddwa"?

62 Yandimugambye nti, "Leka nkuwe mangu ebiwandiiko byo. Era fuluma ove mu kibiina kino!" Ebiseera bikyuka, naye abantu tebakyuka. Ob'olyawo kyandizzeemu ne kibaawo n'olwa leero, bandigobeddwa mu makanisa mwe bandibadde basabira.

63 Naye abasumba baawulira emirembe era baatebenkera mu kifo ekyo nga bali n'Omwana gw'endiga gwa Katonda. Era buli musumba omulungi yenna akola ekintu kye kimu. Omusumba w'endiga omulungi bw'alaba Ekigambo nga kirambuluddwa mu bulambulukufu era ne kikakasibwa, eky'ebyo bye Yasuubiza okukola, omusumba oyo akkalira n'atebenkera. Sifaayo kiki

omuntu omulala yenna ky'agamba, wabaawo ekigamba nti "Katonda yakisuubiza, era Katonda yakikola."

64 Bagamba mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaayita. Eby'Okubatizibwa n'Omwoyo tebiriiyo. Eby'Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu tebiriiyo, ekyo kyali kya batume."

65 Naye leka omusumba omutuufu ow'Ekigambo akibuulire, mu maanyi ag'okuzuukira, nti Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna! Peetero yagamba ku lunaku lwa Pentekoote nti, "Ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita." Yonna gy'Ayita, ekisuubizo ekyo n'omukisa gwe gumu bisigala bikyakola. Era ekyo leka omusumba owa nnamaddala alya ku Kigambo akirabe nga kikakasibwa, abaasomerera eby'eddiini bonna mu nsi yonna tebasobola kukimuggyamu; kubanga akimanyi nti bw'atyo Katonda bwe yayogera, era kituukiridde. Ky'ekyo kyokka. Bulijjo kirina kuba Kigambo kya Katonda. Ekigambo Kye kyayambala omubiri ne kibeera mu makkati gaabwe, naye ne batakitegeera.

66 Yasuubiza ekintu kye kimu ne mu kiseera kino. Nneewuunya oba tunaakitegeera? Abaamalala n'abagezigezi baali tebasembezangako kintu nga ekyo. Era baali bakkiriza nti bwe wabaayo ekintu nga Masiya okubeera ku nsi, mu buli ngeri Alina kujja eri kibiina kyabwe eky'eddiini. Kibiina kyabwe kye kirina okumwaniriza, bwe kitaba bwe kityo "Si kituufu." Kati, mukirowoozeeko nnyo mukyekalirize. Bwe kitaba mu kibiina kyabwe, kitegeeza...Mwetegerezza, ekyabaawo? Katonda teyalonda muntu yenna kuva mu bibiina byabwe, naye Yalonda oyo ataalina kakwate konna na bibiina ebyo. Kubanga ekibiina ekimu kyandigambye nti, "Mulaba kye twakoze?" Era bandikoze ekintu kye kimu ne leero. Naye Katonda yeeroboza omuntu anyomebwa, y'ensonga lwaki Yeeroboza musumba. Abasumba baawulira emirembe nga bali ne Katonda-omwana gw'endiga mu makkati gaabwe, nga Ekigambo Kye kyambadde omubiri mu makkati gaabwe. Abaamalala n'abagezigezi tebaakikkiriza, kyabayitako buyisi.

67 Era tusobola okwogera ekintu kye kimu n'olwa leero, oba mu mulembe omulala gwonna. Byali ebintu bye bimu ne mu biro bya Martin Luther. Ekintu kye kimu ne mu nnaku za John Wesley. Kyali kintu kye kimu mu nnaku z'Abapentekoote. Naye Katonda talekera awo kutambula ku lwa kibiina kya muntu yenna! Yeeyongerayo mu maaso n'Omwoyo We okusobola okukakasa Ekigambo Kye! Kyalina kubeera era kujjira mu mitendera gya lukiiko lwabwe oba si ekyo tebaakikkirizanga. Nga bwe bamaliridde leero, amakanisa gonna, nti "bagenda kukola *kino-na-kiri,* bagatte wamu amakanisa gonna." Bwe baba balindirira omubaka mu kiseera kino, asobola okugatta awamu enzikiriza zonna ezaawakanya Obukatuliki, Abakatuliki n'Abasoddokisi, zonna bazigatte wamu, bakole ekkanisa emu ennene.

68 Kati, ab'oluganda, nfunye ku mukisa ogw'okubuulira eri ebikumi n'ebikumi by'ebibiina by'amadiini eby'enjawulo, era mu bibiina ebyo byonna mulimu abantu abalungi. Naye kati, mujjukire nti, mpa obunnabbi nga ŋŋamba nti, "Buli kibiina kiteekwa okukkiriza kino, oba kirekere awo okubeera ekibiina. Kikuwaliriza." Mwasomye olupapula lw'amawulire okuva mu Tucson olwa leero omwabadde omusoosodooti Omukatuliki nga ayambako okwawula mu buweereza, mu lupapula... nga ayambako okwawula mu buweereza, mu Missouri, omukulembeze w'eddiini ow'enzikiriza etali ya Bukatuliki? Era baani abaababadde ku mukolo ogwo? Abapulesibeteriyani, Ababaputisiti, Abaluzalaani, n'aba Assemblies of God. Kiri mu lupapula lw'amawulire olwafulumye olwa leero mu Tucson.

69 Ha, kiwuniikiriza! Abantu abali mu bibiina ebyo si be baliko obuzibu, wabula abakulembeze b'eddiini, n'abakulembeze ba gavumenti abakyusakyusa ebintu munda eyo, enkola ezikuwaliriza okuzeegattako oba oyagala oba toyagala. Temukyayinza kubeera kibiina kya buntu ne musimatuuka busungu buno obugenda okujja ku nsi, era ekyo mulinde mulabe oba nga si kituufu. Weesanga ndiba ŋŋenze we kiribeererawo, mukeberanga ku lumu ku ntambi zino. Bwe kitaliba bwe kityo, ndiba mujulirwa wa bulimba. Bwe kiriba bwe kityo, nga mbabuulidde Mazima.

70 Bandikiyise "kukola kwa mwoyo omubi" ogulwanyisa endowooza yaabwe ennungi. Muwulira bingi ensangi zino ebyogera ku kubeera n'endowooza ennungi: ggwe baako ekintu ky'olowoozaako, era okirowoozeeko mu ngeri ennungi. Ekyo ssetaani asobola okukikola! Waliwo ekintu kimu kyokka ekifuga byonna, era ekyo kye Kigambo kya Katonda. Bw'oba olowooza mu ngeri ekontana n'Ekigambo, endowooza yo gyerabire. Lowooza ku Kigambo.

71 "Masiya," baali balowooza nti, "tayinza kusangibwa mu kifo nga ekyo, ekijama bwe kityo."

72 Oyinza okukubamu akafaananyi, kabona omukulu, oba omukulembeze w'eddiini yenna, eyakuguka mu by'eddiini, ng'ajja mu kisibo ekijjudde obusa? N'akkiriza Obubaka okuva eri omusumba omwavu, anyoomebwa atalina na buyigirize, eyandizze n'amugamba nti "Okiraba, nsobola okukikukakasa, nti ono ye Mwana, ono ye Mubaka"?

73 Era mumanyi abantu abo kye bandigambye? "Omusajja ono mwesimbu, mwesimbu nnyo mu by'Ayogera, naye mazima ddala mukyamu!"

74 Ndabye abantu abatambulira mu bulamu obulungi bwe butyo okutuusa abantu lwe batakkiriza, nga tebalina kintu kyonna kye bayinza kuboogerako, naye ne bagamba nti, "Mukyamu mu bwesimbu bwe. By'ayogerako tabitegeera. Katonda, Tayinza kukola kintu nga ekyo."

75 Naye bano wano baalina obukakafu! Kati oluvannyuma lw'obukakafu, "Mwambukeeyo mu kisibo mulabe oba Omwana taliiyo."

76 Bandigambye nti, "Owambiddwa omwoyo omubi, gwe gukwogeza ebintu bwe bityo." Naye ate nga kyali kusinziira ku Kigambo kya Katonda! Naye baali bazibiddwa nnyo amaaso nga tebayinza kukiraba, kubanga enjigiriza zaabwe ez'eddiini zaali zaabaziba amaaso. Nga katyabaga ka maanyi!

77 "Okusangibwa mu kifo ekifaanana bwe kityo? Ekijama bwe kityo? Mu kisibo?" Nga baalina ekifo ekiyooyooteddwa obulungi gye Yalina okujja, nga baamutegekera buli kimu bamulindiridde okujja, kati bave awo bakkirize nti Yajja naye ate (n'agenda) n'atawa bayigiriza baabwe Bubaka. "Wabula n'Abuwa ekibinja ky'abasumba abataasoma? Era n'aleeta Omwana We, n'Azaalibwa mu—mu kisibo ky'endiga? Ekisibo ky'endiga ekya bulijjo ekinyomebwa? Ddala, mu—mu mmanvu omubeera omuddo? Eky'amazima, tekisoboka!" Baagaana okukikkiriza, kubanga kyali kya wansi nnyo.

78 Era kibaawo mu ngeri ennyangu ennyo enyoomebwa, bwe batyo abagezigezi bwe bakibuusa amaaso. Kibaawo mu ngeri ennyangu enyoomebwa, ne Kibakwasa ensonyi. Katonda baali bamunoonyeza ludda eri, nga ate Ali wano wennyini. Mukiraba? Banoonya ekintu ekiri ebunaayira, so nga kiri wano wamu nabo: Kristo, eyazuukira okuva mu bafu, abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

79 Ebintu byabwe ebikulu byonna byaziimuulwa. Naye mazima ddala ago ge gaali Amazima, nti, "Masiya yali awo." Tukimanyi leero. Tukikkiriza leero. Tukisembeza leero.

80 Naye kati Katonda bw'abaako ekintu kye yasuubiza ku Ssekukkulu eno, bw'abaako ekintu kye yasuubiza eri ekiseera kino, n'akikakasa nti bwe kityo bwe kiri, naye ate ne tukisambajja, tuba mu ttuluba lye limu na bali abaaliwo mu kiseera kiri abaakiyitako; mbu kubanga Teki—tekizze nga eddiini yaffe bw'egamba. Y'ensonga lwaki tuli mu kavuyo ke tulimu ku Ssekukkulu eno.

81 Yesu Kristo si mufu, Mulamu. Waali wano leero! Bayibuli egamba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 14:12 nti, "Oyo anzikiriza Nze. . ." (si oyo eyeefanaanyiriza akkiriza, oyo *agamba* mbu akkiriza) "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola. Alikola n'egisinga ku gino, kubanga Ŋŋenda eri Kitange." Era mmulabye, mu bulamu bwange bwennyini, nga akola emirimu gye gimu n'okusinga ku (gye Yakola luli) okusinga egiwandiikiddwa mu mpapula za Bayibuli eno. Naye giyita ku mitwe gy'abayivu leero, ne gibikkulirwa abaana abawere abasobola okuyiga; nga Yesu bwe yasaba. Bwe kiri, Akoze ebisinga ku Bye. . . Ndabye mu kiseera kyange, mu myaka asatu

mu esatu egy'obuweereza bwange, mmulabye nga Akola ebisinga ku ebyo bye nnasomako bye Yakola mu Bayibuli; ebisinga ku ebyo.

82 Naye ka bibeere biki bye Yakola mu kiseera ekyo, mulowooza olukiiko lw'Abayudaaya olukulu lwamukkiriza? Baamugamba kimu nti, "Ggwe, oli muloge." Naye, tukiraba nti, we baakolera ensobi yaabwe kwe kunoonya...baagikolera mu kunoonya, si ekyo ebikwate by'enjigiriza yaabwe kye bigamba, wabula Ekigambo kye kyali kigamba Masiya kye yalina okukola mu kiseera kyabwe. Era awo naffe we tukolera ensobi leero, obutakebera Byawandiikibwa. Yesu yabagamba nti, "Mukebere mu Byawandiikibwa, mu Byo mwe mulowooza nti mwe mulina Obulamu Obutaggwaawo, naye ate Bye bimpaako obujulizi. Bibategeeza kye Ndi."

83 Weetegereze, Katonda kino yakimanyirawo nti baali ba kukikola, y'ensonga *lwaki* Yalina okukitwala eri abasumba. Yakimanya nti tebalikikola, tebalikisembeza. Kati mulaba lwaki baalina kuba basumba? Lwaki basumba? Abaasomerera eby'eddiini tebandikisembezza. Nate era lwaki baali basumba? Kyali kisobola okujja nga kikontana n'Ekigambo Kye? Nedda! Baali basumba, baali bamanyi ndiga; era naye bw'atyo bwe Yazaalibwa, nga ndiga, omwana gw'endiga. Weetegereze, Ye yali Omwana gw'endiga. Baali—be bokka abaali basobola okumukkiriza. Omusumba ye yekka eyali asobola okukkiriza Omwana gw'endiga. Baali bamanyi engeri y'okugulabirira, era bwe kiri ne leero bwe tufuna Obubaka bw'Omwana gw'endiga.

84 Kaakati kiwuniikiriza! Abantu abasingayo okuba aba wansi, abataasoma okusuuta Emmanweri mu kisibo. Abasingayo...Ate nga waaliwo abantu, mu biro bye bimu, abaali bayigiriza enjigiriza zaabwe ez'eddiini. Ebibiina by'abantu ebinene, nga bakuluumulukuka okuva buli wamu, okuva mu nsi yonna, nga bajja okuwaayo ssadaaka Yakuwa ze yagamba nti "zaali zimuwunyira ekivundu mu nnyindo Ye." Ate wano ne wabaawo abasumba aba wansi, nga bali mu kisibo ky'endiga, basuuta Emmanweri; Katonda Mwene nga ayambadde omubiri, agalamiziddwa mu kisibo. Mulaba, engeri ffe n'obuyigirize bwaffe obw'ekitalo, bwe twesowolayo nga abaliko kye tumanyi, naye Katonda ekintu kyonna n'akiyitako buyisi. Mukiraba? Akola ekyo ky'Asuubiza okukola, era bulijjo Akikola. Naye lowooza ku basumba bano abeetowaze nga bali eri basuuta Emman-...Emmanweri agalamidde mu kisibo. Kiwuniikiriza nnyo. Mazima bwe kiri!

85 Olwo wabweru...Bwe baamala okumusuuta, nga bakitegedde nti Obubaka bwe baali babuulira bukakasiddwa, baabo...wabweru nga batendereza Katonda nga balina Obubaka bwa Malayika obusinga okuba obutakkirizika. Kaakati ekyo kigeraageranye n'ekiseera kino. Yimiriramu katono okumala eddakiika olowooze. Abantu nga basuuta

Katonda, nga bamutendereza olw'ebyo bye baali balabye, ne bye baawulira, bye baali bamanyi nti ge Mazima, nga balina Obubaka obwali butakkirizika eri endowooza ey'obuntu. Bwali bukontana n'endowooza yonna ey'enjigiriza y'ekinnaddiini, naye ate nga ge gaali Amazima! Ge Mazima! Baabukkiriza. Naye kati, mulabe engeri amagezi g'abantu bwe gayinza okuba obusirusiru! Ne bava awo ne bagamba nti kwaaya ya Bamalayika yabayimbira oluyimba lwa ssekukkulu eyasooka. Ekyo osobola okukikkiriza? Nti omusumba eyali tasobola na kuwandiika linnya lye, avaamu olusu lw'ekisibo ky'endiga, okugenda nga bw'atambula mu kkubo, nga bw'agenda ayogerera waggulu nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda ali Waggulu ennyo! Tukimanyi nti Ali ku nsi!"

86 Kabona yagamba nti, "Oyo omusajja atabuse omutwe. Mukebere mu bitabo mulabe oba mmemba wa mu kibiina kyaffe. Eky'amazima atuswaza n'enjigiriza ze ezitali za kigunjufu. Mumujje mu makkati gaffe. Tetujja kumala gaswala mu bantu bwe tutyo."

87 Kati, osobola okuswala mu maaso g'abantu naye n'ogulumizibwa mu maaso ga Katonda; ku bibiri londako kimu, kubanga jjukira nti, entegeera y'eddiini ey'omulembe tekwatagana na Kigambo kya Katonda. Tekirina ntegeera za mirundi lwenda mu nkaaga mu mwenda ez'enjawulo. Ntegeera ya mulundi gumu, Ekigambo kimu, Katonda omu. Ky'ekyo kyokka.

88 Nga bagamba mbu Bamalayika baabayimbira oluyimba lwa ssekukkulu eyasooka, era mbu "balina Obubaka okuva eri Malayika." Mbu Malayika yabalabikira, n'abawa Obubaka, ne bagenda ne bakizuula nti Obubaka obwo gaali Mazima. Ne bagamba mbu, "Nga oggyeeko ekyo, Malayika yatuyimbira n'oluyimba lwa ssekukkulu eyasooka."

89 "Osobola okukubamu akafaananyi?" Ne bagamba nti, "Bambi musajja wattu." Omanyi, ekintu bwe kityo kyali tekibangawo mu makkati gaabwe, kale yalabika nga enjigiriza etategeerekeka gye bali. Y'ensonga lwaki Obubaka obwo tebaasobola kubuzuula mu Byawandiikibwa, tekyabaweebwa kubulaba. Kyali tekikkirizika eri abagezigezi, baali tebatuukibwangako kintu bwe kityo. Kyali tekikkirizika, naye ate Ge gaali Amazima. Ge Mazima, tukimanyi nti ge Mazima. Kirowoozeeko! Abagoberezi ba Kristo abaasooka n'ekibiina ky'abakkiriza be abaasooka baali balunzi ba ndiga, tebaali bannaddiini; baali balunzi ba ndiga, balunzi. Lwaki basumba?

90 Weetegereze! Baali bweru nga batendereza n'okugulumiza Katonda olw'ebyo bye baali balabye ne bye baali bawulidde, bwe baawulira Bamalayika nga bayimba omulundi gwabwe ogwasookera ddala eri abantu. Bamalayika baali

tebayimbirangako bantu. Tunuulira ne kwaaya ezo, engeri gye zaali zeetegese ne batendekebwa ne batendeka amaloboozi ago, “nga beetegekera okuyimba nga Masiya azaaliddwa,” naye bonna ne bayitibwako! Bamalayika ne bakka wansi ne bayimbira abasumba aba bulijjo, nga tebambadde ngoye za bakulumbeze ba ddiini, wabula nga bambadde ngoye za basumba ba ndiga. Era laba abaafuna Obubaka obwasooka, tekikkirizika.

91 N’ekifo kyennyini gye baabufunira, si mu lutikko, wabula ku ttale, eyo ku ttale Malayika wa Mukama gye yajja. Ssi mu kkanisa, wabula ku ttale. Yali tayanirizibwa na mu kkanisa. Baalowooza nti Yali ayanirizibwa, era baalowooza nti baabulina, naye Katonda yakakasa nti kye baalina kyali kikyamu. “Okuva mu mayinja gano Asobola okuyimusizaamu Ibulayimu abaana.” Bwe kiri.

92 Omulundi Bamalayika lwe baasooka okuyimba mu kujaguza, kyali mu Ggulu. Bw’osoma mu Yobu 38:7, (nga bwe ndaba abamu ku mmwe nga muwandiika), Katonda bwe yali ateekateeka okutonda obutonde Bwe obwasooka, nga y’ensi. Yobu yali musajja ow’ekitalo, omugezi ennyo, era yalina amagezi aga buli kika. Yagamba nti, “Bwe ŋŋenda mu butale, abalangira abato, bonna banvunnamira, nga baagala okuwuliriza ku magezi gange.” Naye yalemwa okutegeera lwaki baamuyisanga nga bwe baamuyisa.

93 Naye kati Katonda n’amubuuza, n’amugamba nti, “Weesibe ekimyu nga omusajja, kubanga Ŋŋenda kukka wansi njogere naawe.” Era Katonda bwe yakka wansi mu mbuyaga eyeebonga, n’Amubuuza nti, “Yobu, wali ludda wa bwe Nnali ssinnateekawo misingi gya nsi? Emmunyeenye ez’enkya bwe zaayimbira awamu, n’abaana ba Katonda ne baleekaana olw’essanyu, wali ludda wa, Yobu?” Era mu kaseera ako yaggwaamu amaanyi. “Wali ludda wa?”

94 Mukiraba, omulundi Bamalayika lwe baasooka okuyimba mu kujaguza, kyali mu Ggulu. Naye omulundi gwe baasooka okuyimba ku nsi, baayimba eri basumba Katonda bwe yazaalibwa, nga Emmanweri ali ku nsi; abantu abasookera ddala okuwulira Malayika nga ayimba, baali basumba abanyoomebwa.

95 Bwe tuddira abakazi baffe abeesiize langi, abasazeeko enviiri, abambadde ebinu, ne tubanaanika egganduula ly’ekkanisa, ne tubayimiriza awo ne bayimba nga ab’ekitalo, ne tulowooza mbu ebyo Katonda ajja kubiwuliriza? Alina Bamalayika erudda eri abasobola okumusanyusa okuviira ddala ku. . . bwe Yali tannatonda muntu. Uh-huh. Ne bagenda ne batambulira mu bulamu, ne bambala engoye ez’omuzizo eri Katonda, ddala ekyo mukisuubira mutya okuba ekya Katonda? Oyinza okugamba nti, “Nze, ndi wa. . . ”

96 "Wali ludda wa bwe Nnassaawo emisingi gy'ensi? Mbuulira kwe Nnagisibira. Nnamuziga eri ludda wa kwe gyetooloolera? Ggwe wali ludda wa mu kiseera ekyo?" Olowooza Katonda kimwetaagisa okutwebuuzaako ku magezi gaffe. Amagezi gaffe busirusiru gy'Ali. Ye akola ekyo ky'Agamba nti Ajja kukikola.

97 Kaakati weetegereze, Katonda ateekateeka okutonda ekitonde ekirala. Agenda kutonda ensi eggwaawo, n'obulamu obuggwaawo. Bamalayika ne bayimba mu Ggulu. Naye wano Atondawo Obulamu obuggya, Obulamu Obutaggwaawo eri omuntu, era Ayimba eri abantu Be nga ayita mu Bamalayika; ku nsi, so si mu Ggulu. Eggulu lyalina Obulamu Obutaggwaawo. Mukiraba? Era Yayimba . . . baayimba eri Eggulu, obutonde obuggwaawo bwe bwatondebwa; naye kati wano obutonde obutaggwaawo butondebwa, era kati bayimba eri abantu ab'oku nsi. Omulundi ogwasooka, eri abasumba. Kiwuniikiriza, si bwe kiri?

98 Yali atandise obutonde obuggya. Bwali butonde ki? Obutonde obubwe Yennyini. Katonda yayambala omubiri n'abeerako gye tuli. Ekyo . . . Bayibuli egamba nti, "Ku lubereberye lw'okutonda kwa Katonda." Katonda yatondebwa mu nkula ey'obuntu; mu Yesu Kristo, Omwana We, Katonda mwe yatuula. Yazimba ensiisira Ye ey'omubiri n'amagumba, n'abeera mu nsiisira eyo; Katonda, *Emmanweri,* "Katonda ali naffe." Yeezimbira ennyumba, mw'aba abeera, Asobole okwolesa Ekigambo Kye eri abantu Be nga ayita mu nnyumba eyo. Osobole okumanya kiki Katonda ky'ali, bw'olaba Kristo.

99 Mujjukire nti, bulijjo kabaka bw'azaalibwa wabaawo okuyimba. Ekyo bameka ababadde bakimanyi? Weewaawo, mubadde mukimanyi. Kale, kati, mulowooza singa Kabaka ono yazaalibwa ludda eri, ne wajja omukazi n'ajja nga adduka ne yeesogga lutikko, n'agamba nti, "Muntegekere mangu ekitanda, muleete n'abasawo kubanga ŋŋenda kuzaala Emmanweri ku nsi"? Omukazi omunaku ava e Nazaleesi, akabuga akatono akasingayo obubi, aka . . . akabi ennyo n'okusinga Tucson oba obubuga obulala bwonna, naye omukazi ono bambi n'ajja nga adduka n'agenda eri kabona omukulu n'amugamba nti, "Nna—nnaatera okuzaala Emmanweri." Bandimukasuse mu kkomera. Weewaawo bandikikoze. Mazima ddala bandikikoze. Okukyamya okwenkana awo okuleetebwa mu bantu be, ekyo teyandikugumiikirizza. Ne leero teyandikugumiikirizza. Naye era weekuli kugenda mu maaso, mu ngeri y'emu.

100 Mwetegereze, wateekwa okubaawo okuyimba. Bakabaka ba . . . Tebandimuyimbidde. Abantu tebandimuyimbidde, kubanga, baali tebamukkiriza. Era eyo y'ensonga lwaki, yiino ejja, mukakase nga mugifuna, y'ensonga lwaki abantu olwa leero bakwatibwa ensonyi okutendereza Katonda, Kristo bamukwatirwa ensonyi! Lutikko ez'amaanyi teziyinza kusembeza Kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu,

baakakanyalira mu nkola zaabwe ez'eddiini okutuusa nti tebayinza kumusembeza. Katonda agenda kufunayo omuntu omulala gw'Asobola okufunamu ettendo. "Okuva mu mayinja gano Asobola okuyimusizaamu Ibulayimu abaana," nga bwe nnokola Yokaana nate.

101 Mwekkaanye, abatuuze b'omu bwakabaka Bwe bateekwa okumuyimbira. Era abatuuze b'omu bwakabaka Bwe mu kiseera ekyo baali Bamalayika, era baayimbira basumba Be abaali ab'okutwala Obubaka Bwe.

102 B'ani abalina okusooka okubuwulira? Weewaawo bateekwa kuba, abatuuze b'omu bwakabaka Bwe. Be balina okusooka okuwulira okuyimbirwa Kabaka, balina kuba batuuze ba bwakabaka Bwe. Era abatuuze b'obwakabaka Bwe baali b'ani? Mu ngeri emu kiwuniikiriza, si bwe kiri, ab'oluganda? Tebaali bakulembeze Be ab'amadiini. Tebaali abo abaasomerera eby'eddiini. Bwe kiri. Tebaali ba bibiina bya madiini. Nedda, baali basumba. Lwaki? Waaliwo endiga eyali ezaaliddwa, eyo y'ensonga lwaki. Mukiraba? Abatuuze b'obwakabaka Be baabuwulira, Katonda be yali yamanya nti balibukkiriza. Katonda yatuma Obubaka Bwe eri abo abaali bagenda okubukkiriza. Ye magezi gonna; Amanyi wa aw'okusindika Obubaka Bwe, eri abo abanaabukkiriza. Oyo atuula Waggulu Ennyo yaweereza eri omuntu asingayo okuba owa wansi ku nsi.

103 Yesu yagamba, mu Matayo 5 nti, "Balina omukisa abaavu mu mwoyo, kubanga Obwakabaka obw'omu Ggulu bwe bwabwe." Malyamu, mu . . . Ggwe awandiika Ebyawandiikibwa, ekyo kiri mu Matayo 5. Era bw'oba owandiika ebyawandiikibwa . . . Ebyo bye nnina wano bye nnawandiise, Byawandiikibwa.

104 Malyamu yagamba, mu Lukka 1:52, Omwoyo bwe yamufukaako amafuta, Omwoyo Omutukuvu bwe yamukkaako, yagamba nti, "Agulumizizza abeetoowaze." Ekyo Malyamu ye yakyogera, maama wa Yesu, yagamba nti, "Agulumizizza abeetoowaze."

105 Ne Lukka n'agamba nti, "Abantu aba bulijjo baamuwulira n'essanyu." Si a—ab'ebitiibwa, a—abaasomerera eby'eddiini, abalina diguli z'obwa dokita mu mateeka ne mu by'eddiini; naye abantu aba bulijjo baamuwulira n'essanyu, abantu abeetoowaze.

106 Okuyita mu Byawandiikibwa ebitukuvu byonna, Obubaka bw'obununuzi buzze buweebwa kuyita mu basumba n'okuyita mu ndiga.

107 Kaakati nnina okumaliriza, kubanga tusemberedde ekiseera eky'okumaliriza. Waliwo Ebyawandiikibwa bingi bye ndeseeyo nsobole okubatuusa ku kirowoozo kino.

108 Okuyita mu Byawandiikibwa byonna, obununuzi bukiikiriddwa kuyita mu basumba na ndiga. Bwe kiri. Ekyo fenna tukkiriziganya nakyo. Lwaki? Kyali mu bisiikirize na bifaananyi. Era ekintu kyonna . . . Singa mbadde sirabanga

ku mukono gwange, ne ntunula erudda wano wansi ne ndaba ekisiikirize ky'omukono gwange, ne ndaba nga nnina engalo ttaano, nnandikitegedde nti omukono gwange bwe gutyo bwe gufaanana; ekifaananyi kye ndaba kyoleka omukono gwange kyennyini kye guli. Era eyo y'ensonga lwaki Obubaka bulijjo buzzenga eri. . . okununulibwa kuzzenga kuyita mu ndiga, kubanga okuviira ddala ku lubereberye. . . Era kwali kuyita mu ndiga, ne mu basumba, mwe Yeebikkulira ky'Ali. Byonna byali bisiikirize na bifaananyi.

109 Kati leka tulabe ku lubereberye. Adamu ne Kaawa, nga bayimiridde awo mu kubeerawo kwa Katonda okuwulira Obubaka Bwe gye bali, baali beesibye mu biwato byabwe amaliba g'endiga. Obubaka obwasookera ddala okuwulirwa, bwaweebwa wamaze kubaawo ddiba lya ndiga eyali ettiddwa, Katonda gye yali asse n'ayambaza Adamu ne Kaawa. Oluvannyuma lw'okugezaako okwekolera eddiini eyaabwe ey'ebikoola by'omutiini, ekitaakola. Ssadaaka y'endiga yali yateekebwaawo nga omutango okuviira ddala ku lubereberye, ssadaaka y'endiga.

110 Kati, kaakano kino tugenda kukiwumbawumba, tubalage lwaki baalina kuba basumba; na lwaki kyalina kuba, lwaki Yalina kuba ndiga.

111 Kaakati, bannabbi ab'Endagaano Enkadde beesibanga maliba ga ndiga (ekyo tukimanyi, uh-huh), ekyali kyoleka okukkiriza kwabwe kwe baalina mu Kigambo Kye eky'Omwana gw'endiga ogutuukiridde ogwali gugenda okujja. Ye nsonga lwaki bannabbi baakikolanga.

112 Kati, Ekigambo kya Katonda tekijja eri oyo eyakenkuka mu njigiriza z'eddiini, tewali. . . oyo—oyo ate y'akitabulatabula. Bwe kiri. Tewali kintu ky'oyinza kugamba nti. . . Ggwe okugamba mbu, "Naye, omusajja ono yasomerera eby'eddiini." Ekyo kimwongerayo bwongezi wala okuva ku Kigambo okusinga ekintu kyonna kye mmanyi. Mukiraba? Ekigambo kya Mukama Katonda, Katonda atakyuka, tekikyuka. Buli wantu wonna mu Bayibuli, Ekigambo kya Katonda lubeerera kyajjanga eri bannabbi. Si eri abo abaasomerera eby'eddiini oba ba dokita, wabula eri bannabbi! Era lubeerera, buli mulundi, baagaanibwanga era tebaabakkiriza.

113 N'ekirala bannabbi emirundi egisinga baabanga balunzi. Bannabbi beesibanga amaliba g'endiga, kubanga baayambalanga maliba ga ndiga ze baalundanga. Era Obubaka obwasooka, eri o—o—omulembe ogwasalirwa omusango, bwajja wamaze kubaawo ddiba lya ndiga eyali ettiddwa. Bannabbi, leka nkiddemu nate, baayambalanga maliba ga ndiga ge beesibanga, kubanga mu ekyo baabanga bategeeza, nti baali bakkiriza nti waaliwo Omwana gw'endiga ogutuukiridde ogwali gugenda okujja okuba ssaddaaka eyo. Era Ekigambo kya Katonda

kyajjanga gye bali nga kisensera okusukka amaliba g'endiga ge baayambalanga. Abalunzi bano . . . manyanga bannabbi bano emirundi egisinga baabanga balunzi. Ibulayimu yali mulunzi. Isaaka yali mulunzi. Yakobo yali mulunzi. Musa yali mulunzi. Dawudi yali mulunzi. Abakiikirira Katonda bonna emirundi egisinga baabanga balunzi.

114 Kati tugenda kulaba ensonga lwaki kyajja eri basumba. Baali bakimanyi nti endiga terina ky'esobola kukola ku bwayo nga terina musumba kugiruŋŋamya. Zzo . . . endiga tezirina kye ziyinza kukola ku bwazo, teziyinza kwekulembera. Y'ensonga lwaki Katonda abaana Be abamukkiriza yabafaananyiriza n'endiga. Bateekwa okuluŋŋamizibwa. Naye weegendereze kiki ekikuluŋŋamya! Tofuna embuzi, ejja kukutwala mu bbaagiro. Katonda tatuwangako mbuzi, Yatuwa Mwana We (Omwoyo Omutukuvu) y'aba atuluŋŋamya. Ye muluŋŋamya waffe, si abalunzi abaatendekebwa abantu, wabula omulunzi eyateekebwateekebwa Katonda aliisa endiga emmere y'endiga.

115 Kati, ojje oddire embizzi, ogigambe nti, "Ŋŋenda kukufuula omwana gw'endiga." Oginaaze. Ogisiige kyutekisi ku njala zaayo ez'ebigere, ne—n'ebirala. Ogiwe emmere ng'endiga, obeeko ekika ky'emmere e—ey'enjawulo gy'ogiriisa. Ogitwale wabweru mu lujja oba wabweru mu . . . eyo e—endiga gye ziriira, awali omuddo gwa alufalufa oba omuddo bwe gutyo. Bwe wabaawo awantu wonna awali ekidiba ekirimu ettosi, embizzi eyo ejja kudduka misinde nga bw'esobola egende yebbike mu kidiba ky'ebitosi ekyo. Mukiraba? Lwaki? Kubanga mu butonde bwayo ekyali mbizzi.

116 Era eyo y'ensonga lwaki bammemba b'ekkanisa, olwa leero, beenyigira mu bintu by'ensi, mukiraba, kubanga obutonde bwabwe tebunnakyusibwa. Bajja kulya buli kika kya mmere envundu, ey'enjigiriza z'eddiini, naye Ekigambo kya Katonda tebasobola kukikkiriza. Bajja kuyingira bawulirize Ekigambo . . .

117 Mumanyi, ekintu ekisingayo okuba ekinnanfuusi mu nsi, ye nnamuŋŋoona. Mu Bayibuli, waaliwo ebinyonyi bibiri ebyateebwa okuva mu lyato. Nnamuŋŋoona bwe yafuluma teyadda, kubanga nsega, erya bifudde. Yakkalira ku nnyama y'emirambo n'erya n'ejjuza olubuto lwayo n'ennyama y'emirambo. Naye bwe yasindika ejjiba, ejjiba teryasobola kugumiikiriza kivundu ekyo, bwe lityo lyakomawo mu nnyumba ya Kitaffe era Nuuwa, ne likonkona ku mulyango okutuusa Nuuwa lwe yaliggulira ne liyingira munda.

118 Kati, nnamuŋŋoona asobola okutuula wano n'alya ku mutulumbi gw'embalaasi, olunaku lwonna, n'ava awo n'abuuka n'agenda mu nnimiro n'alya ensigo z'omu nnimiro wamu n'ejjiba. Naye ejjiba teriyinza kubuuka ne ligenda lirya ku mutulumbi gwa mbalaasi, ate ne lirya n'empeke; biba bijja

kulitta. Mukiraba, ejjiba teririna kalulwe, n'olwekyo teriyinza kubimulungula.

119 Era ejjiba lya Katonda lyonna, ejjiba lyonna oba endiga, oba ekisolo ekirongoofu ekirya Ekigambo, bw'ogezaako okubiwa ebintu by'ensi, bimanyi Mukama waabyo yagamba nti, "Oyo ayagala ensi oba ebintu by'ensi, nga n'okwagala kwa Katonda kuba tekumuliimu." Bw'omuwa ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo kya Katonda ekyo, tayinza kukigumiikiriza. Naye Ekyo ssetaani asobola okukirya n'atabikamu n'ensi, byonna n'abiyita ebya Katonda. Tosobola kutabula mafuta na mazzi, tebiyinza kwetabula.

120 Bonna, abasumba bano bonna, baali bakimanyi nti endiga terina ky'eyinza kukola ku bwayo awatali musumba. Era baali basumba, era baali bakimanyi nti erina okuluŋŋamizibwa.

121 Nga kyennyamiza okulaba, leero, nti bagezaako okuliisa endiga, emmere y'embizzi. Naye endiga teyinza kubirya. Nedda, ssebo! Mukiraba, edda luli, baali bagezaako okuliisa endiga, emmere y'embizzi. Era Ekigambo bwe kyajja, zaali zaamanyiira nnyo emmere y'embizzi, nga Ekigambo tezikimanyi. Era bwe kityo bwe kiri leero, ekintu kye kimu bwe kikakasibwa era ne kigezesebwa nti Katonda asobola okubaako ky'akola. Naye ate ne baba nga baamanyiira nnyo emmere y'embizzi, emmere y'embizzi bye baali baliisibwa, okutuusa lw'o. . . eky'amazima, toyinza na kwogera nabo, tebayinza yadde okukiwuliriza, ddala bwe kiri. Embwa. . . Bayibuli egamba nti, "Nga embwa bw'eddira ebisesemye byayo, n'embizi bw'eddira okwevuluga mu bitosi byayo, nabo bwe bakola."

122 Bawulira Ekigambo, ate ne baddayo okwevulunga mu bitosi bye bimu mwe babadde! Ne bagamba nti, "Ah, obwo buzoole. Temukkiriza bintu bya ngeri eyo."

123 Katonda. . . endiga ne leero zikola ekintu kye kimu, ziteekwa kwesiga mmere ya Kigambo. Tezijja kulya mmere ndala yonna. Toyinza kuziwa mmere ya ddiini, endiga zennyini. Nedda! Nedda! Ggwe genda ozigambe nti, "Kaakati mulabeeyo, ffenna tujja kwegatta. Kati, Yesu yasaba nti ffenna tubeere 'bumu.'" Mwakava okuwulira ekintu kye kimu e Tucson gye buvuddeko, ennaku ntono eziyise, naye bulimba! Yesu teyasabako. . . Yakola Atya. . . Oyinza otya okuleetera Ekigambo okwekuba endobo, nga Kyetema engalike? Awo Katonda aba talina njawulo na muntu mulala yenna.

124 Yesu yagamba nti, "Ababiri bayinza batya okutambulira awamu okuggyako nga batabaganye?" Onaddira Omumesodisiti, Omubaputisiti, Omupulesibiteriyani, n'Omukatuliki, n'obagatta wamu bonna ne babeera kimu? Muyinza okubeera obumu wansi w'omukulembeze omu, naye Yesu yagamba nti, "Babeere omu nga—*Nze Naawe* bwe tuli omu." Kati, Ayagala ffenna tubeere bumu mu Ye nga kye Kigambo! Amiina! Kiikyo, "Omu ne

Kitaffe.” Era Kitaffe ye Mwana, y’omu. Era kye Kigambo kye kimu, Ekigambo nga kirabisiddwa, nga kyeyoleka mu kiseera kino nga bwe Kyakola mu kiseera ekirala kyonna, mubeere bumu.

125 Mwetegereze, Yagamba nti, “Nga Kitange bwe yantuma, Nange bwe mbatuma.” Kitaffe eyamutuma, yayingira munda mu Ye okukakasa Ekigambo. Ne Yesu y’omu asindika abantu Be, ayingira mu bantu b’Asindika; n’agamba nti, “Emirimu gye Nkola, nammwe muligikola.” Kituufu, Yasaba nti tubeere bumu; tubeere bumu Naye, so si kubeera bumu na kibiina kya buntu. Si kubeera bumu na nkola, wabula okubeera obumu ne Katonda. Kubanga Katonda mu Kigambo Kye ali Omu, ne Yesu ne Katonda baali Omu, naawe nange n’Ekigambo tuteekwa kuba omu. Bwe kiri. Tuteekwa kuba bumu nga tukkiriziganya n’Ekigambo. Si omuntu omulala ky’ayogera, kuno si kuvvuunulwa kwa magezi ga muntu. Kitwale, nga bwe Kigamba, okikkirize; ne Katonda anaakinyweza, n’akikakasa nti kituufu. Olowooza kyali kya bayigirizwa bokka, ggwe nywerera ku Kigambo Kye nga bwe kigamba, lumu ogende okigezese ojja kulaba. Ojja kukizuula nti kijja kukukolera mu ngeri y’emu ddala nga bwe Yasuubiza. Yee, ssebo!

126 Tezijja kulya mmere ya mbizzi, zirina kulya mmere ya ndiga. Ekyo enjiri y’Omutukuvu Yokaana 10 wakirambika nti, “Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange.” Era bw’Aba nga Ye Kigambo, olwo Ddoboozi kika ki ly’Alina? “Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange, abagwira tezibagoberera.” Mukiraba? Yesu yagamba nti, “Tezirigoberera ddoboozi lye zitamanyi.” N’olwekyo, endiga Ze tezigoberera ddoboozi lya muntu gwe zitamanyi. Tezijja kumugoberera.

127 Bannabbi, abasumba, n’endiga, bonna bawa obujulizi ku kujja kwe.

128 Kaakati mulabe Katonda atakyukakyuka mu ntegeka Ze ezitakyukakyuka ez’Ekigambo Kye eky’ekiseera kino. Kaakati mukirowoozeeko okumala eddakiika entonotono: Ekigambo ekitakyuka.

129 Kati mulabeeyo! Musa ssinga—ssinga yajja n’obubaka bwa Nuuwa, tebwandikoze. Yokaana Omubatiza ssinga yajja n’obubaka bwa Musa tebwandikoze. Yesu ssinga yajja n’obubaka bwa Musa oba obubaka bwa Nuuwa, tebwandikoze. Ne Wesley ssinga yajja n’obubaka bwa Luther, tebwandikoze. Abapentekoote ssinga bajja n’obubaka bwa Wesley, tebwandikoze; twakava okuwulira obujulizi obukwata ku ekyo. Kati, Katonda abeera yeyongerayo mu maaso. Ggwe wekkaanye Ekigambo, ojja kulaba we tuli.

130 Kati lwaki ekirango ky’abasumba ekyasooka. . .Bannabbi bano bonna, n’abasajja bano ab’amaanyi bonna bwe baba baali basumba, olwo lwaki Katonda (Oyo atakyuka) ate

wano yandibadde akyusa enkola Ye, okuleeta Obubaka obwo eri abaasomerera eby'eddini? Baali basumba. Okutuuka kw'Omwana gw'endiga ogutuukiridde, ekiweebwaayo olw'ekibi, kulina kujja eri musumba.

131 Omusumba amanyi bulungi endiga ze okusinga omuntu omulala yenna. Tewali muntu ategeera bulungi ndiga nga omusumba, yatendekebwa mu ekyo. Era yamanyanga ekika ky'emmere gye zirya. Ba. . .yamanyanga endiga kye zinaalya, era endiga ze azimanyi okusinziira ku bye zirya. Bwe. . . bwe walabanga endiga nga egenda awali ebivundu n'etandika okulya ebivundu, wagambanga nti, "Muggyeewo ensolo eyo erya ebivundu." Mukiraba? N'olwekyo Katonda yamanya wa aw'okubasindika.

132 Kaakati leka tubeeko omu ku basumba era bannabbi ba Yakuwa abakulu gwe twogerako, okukakasa nti Katonda yali mu bannabbi bano munda w'amaliba g'endiga. Kaakati mwekkaanye. Okusooka, leka, tutandike ne Musa. Leka tumwekkaanye. Obuweereza Bwe bugenda kutulaga Yakuwa mu nnabbi We omusumba. Kati, ob'olyawo tugenda kulabayo omu, bwe tunaaba n'obudde, okumala eddakiika nga kkumi eziddako, tujja kulabayo babiri ku bo, naye ob'olyawo ono omu anaamala.

133 Musa; Yakuwa yeeyoleka wano, mu nnabbi ono omusumba. Yaweebwa ebirabo bisatu okukakasa obuweereza bwe n'okuyitibwa kwe eri abakadde ba Isiraeri, n'eri Falaawo. Kaakati, mwetegereze nnabbi ono omusumba. Yawa, bulijjo, yawanga bannabbi Be, akabonero akasukkulumye obw'obuntu, okukakasa nti yali Katonda mu bo; kubanga tewayinza kubaawo kubeerawo kwa Katonda awatali kulabisibwa kwa bintu ebisukkulumye obw'obuntu. Tewali mulundi n'ogumu Yakuwa lwe yali alabise ne watabaawo kisukkulumye ku by'obuntu ekimugoberera. Kirina okubaawo. N'olwekyo lubeerera Yeekakasanga nti Yali wamu ne bannabbi bano, nga akakasa bye baalagulangako, bwe byabanga byogera nga Ekigambo Kye bwe kigamba.

134 Kati, akaasooka—akabonero akaasooka ke Yawa. . .nnabbi ono omusumba (mulabeeyo), kwali kukyusa muggo gwe ne gufuuka omusota.

135 Ak'okubiri, omukono gwe gwamera ebigenge.

136 Ak'okusatu, kwali kusena mazzi okuva mu mugga Kiyira e Misiri, n'agafuula omusaayi.

137 Kati, Yamuwa obubonero busatu okukakasa eri Misiri, n'eri Isiraeri, nti ye yali Ekigambo kya Katonda ekyogere.

138 Katonda, mujjukire nti, Musa yayogera ebintu ne bitondebwa! Bwe kiri. Yayoola omusenyu n'agukasuka mu bbanga, n'agamba nti, "Leka wabeewo enkukunyi," enkukunyi ne zijja. N'agamba nti, "Leka wabeewo ensowera," ensowera ne

zijja. “Leka wabeewo ebikere,” ebikere ne bijja. Yatonda ebintu ne bibaawo! Kati, omuntu obuntu tayinza kutonda, naye teyali muntu buntu okusooka kwa byonna. Yali Yakuwa mu nnabbi We omusumba! Amiina!

139 Mwekkaanye! Akabonero ak’okusatu ke Yamuwa tekaalina kakwate na mulimu gwe yali akola, wadde okuba n’akakwate n’ekikula kye nga omuntu; akabonero ke ak’okusatu. Weetegereze, obubonero obubiri obwasooka bwali bukwata ku ye, wamu n’omulimu gwe yali akola. Era bwe bubonero obubiri bwokka Bayibuli bw’egamba nti “bwalina eddoboozi.” Akabonero kali akalala tekaalina ddoboozi. Naye obubonero obubiri obwamuweebwa obwekuusa ku kikula kye nga omuntu, n’eri abantu be, bwalina amaloboozi. Naye akabonero ak’okusatu, kaakati mulabeeyo, kaaweebwa . . . akabonero, akabonero ak’okusatu, ke kaali akabonero ak’okufa: amazzi okufuuka omusaayi. Omusaayi gwo ssinga—ssinga—ssinga gufuuka amazzi, obeera ogenda kufa. Era awali omusaayi, omusaayi oguyiise, kaba kabonero ka kufa; era bw’ekityo bwe kyali eri Falaawo. Ak’okusatu kaali ka kukyusa amazzi g’omugga Kiyira okufuuka omusaayi, kaali ka kulaga—kaali kulaga Bubaka bwe eri Falaawo nti Katonda waffe ye Katonda w’omugga Kiyira, y’afuga katonda w’omugga Kiyira. Ye Katonda afuga buli kimu kyonna, era Agenda kuleeta okufa eri eggwanga eryo. Ekyo akabonero k’omusaayi kye kaali kategeeza. Ha, bannange! Akabonero kennyini ak’okufa: omusaayi!

140 Naye buli obulala obubiri bwalina amaloboozi ag’obunnabbi. (Nsuubira ka—ka—kati awo mutegeera amakulu agakisiddwa, ag’ekyo kye ŋŋamba.) Naye obubonero buli obulala obubiri bwalina amaloboozi ag’obunnabbi eri Isiraeri obukwata ku biseera byabwe eby’omu maaso. (Kati eri mmwe abaali waggulu ku lusozi ebbanga si ddene eriyise, ejjinja bwe lwakasukibwa waggulu.)

141 Kaakati, era yali . . . yali agenda kukyusa obutonde, abuleetere okubakolera. Kati, weetegereze omuggo, weetegereze omusota, weetegereze Ennyanja Emmyufu, na buli kimu kye Yakola. Weetegereze omuggo gw’omusumba ogwo nga gubatemera ekkubo we baba bayita. Omuggo ogwo ogwali mu mukono gw’omusumba, gwayita ku buli njigiriza ya ddiini yonna n’ebyo byonna bakabona bye baali baayogera, era omuggo gw’omusumba ogwo gwabakulembera ne gubayisa mu buli kintu ekyali kitasoboka eri omuntu. Falaawo bwe yagezaako okulowooza mbu byali biyiriro bye byakuluggusa ettaka erimyufu okuva waggulu mu nsozi ne birisuula mu mazzi ne gafuuka omusaayi, ate Katonda n’atonnyesa omuliro okuva mu Ggulu, n’Atonnyesa n’omuzira okuva mu Ggulu, n’A—n’Atonnyesa n’ensekere ku nsi, n’ebirala byonna.

142 Yakola ki? Yakozesa muggo ogwo ogw’omusumba, teyakozesa ka—katabo akeeyambisibwa okuyigiriza, teyakozesa

ndowooza y'oyo eyasomerera eby'eddiini, wabula yakozesa muggo gwa musumba! Tugenda kukituukako mu kaseera katono; gwali muggo gwa musumba, gwe Yabikozesa. Ssi ka—katabo ak'essaala z'ekibiina ky'eddiini, wabula muggo gwa musumba. Oluga lw'omusumba nga luluŋŋamya endiga ze, okuzeerulira ekkubo nga bwe zigenda eri Ekigambo ekyasuubizibwa mu nsi eyo. Nga kifaananyi ekirungi ennyo leero ekyoleka Omuggo gw'Omusumba, leero, nga guluŋŋamya endiga Ze okugenda mu Nsi Ensuubize; nga guyita ku baasomerera eby'eddiini n'ebintu ebirala byonna eby'ensi eno, n'ebintu by'ensi, n'ebibiina by'amadiini, na buli kimu kyonna; nga guggulawo ekkubo, nga akakasa Ekigambo Kye nti ge Mazima; Omuggo gw'Omusumba nga gubakulembeddemu.

143 Era mwetegereze, omuggo gw'omusumba gwe gumu ogwaluŋŋamyanga endiga...Ekyo mukikkiriza? Mazima ddala yaluŋŋamya endiga, yabafulumya Misiri n'omuggo ogwo mu mukono gwe. Ekyo bingi bye tusobola okukyogerako. Naye tukoona bukoonyi ku ebyo ebikulu, yaluŋŋamya endiga n'asindika omusango eri abo abaakigaana! Omuggo gwe gumu ogwafuuka omukisa eri abamu, gwafuuka ekikolimo eri abalala. Amazzi ge gamu ag'okubuulira kwa Nuuwa agaamulokola, ge gaasalira ensi omusango. Omuggo gwe gumu ogwakulembera Isiraeri okubatwala mu nsi ensuubize, gwe gwasalira omusango abo abaagaana okugoberera nnabbi-omusumba. Bwe kiri, gwafuuka muggo gwa kusala musango.

Obutonde; mwetegereze engeri Katonda gy'ayogerera mu butonde Bwe. Ssinga tubadde n'obudde obumala. Nnina bye nnawandiise ku nsonga eyo: Katonda nga ayogerera mu butonde Bwe. Naye tetulina budde bumala kukikakasa.

144 Naye tukikakasa oluvannyuma, okuyita mu musota ogw'ekikomo ogwali ku muggo gw'omusumba w'endiga (kwe yazingirira omusota guno, mu ddungu), kino kyali kyogera ku kutangirirwa okutuufu okwali kugenda okujja okw'endwadde n'ekibi.

145 Omuggo ogwo gwe gumu gwafuukako omusota mu maaso ga Falaawo, era Falaawo y'omu n'agezaako okugugeegeenya nga akozesa abafuusa. Bwe batyo ne ba Falaawo ab'omulembe guno, n'abeefaanaanyiriza okubeera abakkiriza, abageegeenya Obubaka ab'omubiri, bagezaako okugeegeenya ekintu kye kimu nga tebamanyi gye kiva; Ekigambo ekyo ne bakikasuka mu kintu ekimu eky'ekibiina ky'eddiini, so nga Kya ddembe okuva eri ekibiina ky'eddiini nga bw'otoyinza kusibira mpewo munda. Mazima! Naye bagezaako okugeegeenya, okukigeegeenya.

146 Naye, mulabeeyo, omuggo gw'omusumba guno gwe gumu gwalya emisota giri emirala. Emisota giri emirala gyadda wa? Gyonna gyali miggo ku ttaka, naye omuggo gumu gwokka gwe gwaggyibwaawo. "Eggulu n'ensi biriggwawo," Yesu

bwe yagamba nti, "naye Ekigambo Kyange tekiriggwaawo." Kyali kyogera ku mutango gwennyini ogwali gugenda okujja olw'ekibi.

147 N'ekirala, ebiseera bya Isiraeri eby'omumaaso okuweebwa. . .kati awo we nnayogeredde ku Isiraeri, kati mu biseera eby'omu maaso. . .Mu kiseera ekyo nnabbi-omusumba yabawa okusumululwa okuva mu buddu bw'okufa. Nnabbi-omusumba yabaggya mu buddu nga akozesa omuggo. Mukiraba? Kyali kyogera ku Mununuzi wa Isiraeri ow'ekiseera eky'omu maaso, okuva mu kufa ne ggeyeena, nga kikolebwa Nnabbi-Omusumba gwe tujja okwogerako.

148 Kaakati, abo bonna. . .bonna be tumanyi nga Israeri, tebaasembeza Kigambo kya nnabbi-omusumba, Israeri yenna tebaakisembeza. Kaakati, mwetegereze, baali mu kwemulugunya. "Ha," bwe yali akola ebyamagero, "yali musajja wa kitalo," naye bwe kyatuuka ku Bubaka bwe, "ate ne kikyuka." Obubonero bwonna obw'amaanyi bubeera bugoberera obubaka obupya obuba bugenda okujja. Ekyo tukimanyi. Mu ddungu beemulugunya, mu ddungu, era enkumi n'enkumi ne bafa. Eky'amazima, babiri bokka ku abo abaasomoka eddungu be baalokolebwa okuva ku bukadde bubiri n'ekitundu, babiri bokka ku bukadde bubiri n'ekitundu.

149 Oyinza okubuuza nti, "Ate bali. . .Kiki ekyabatuukako?" Baazikiririra ddala emirembe Egitaggwaawo.

150 "Bonna bonna, Ow'oluganda Branham?" Bw'atyo Yesu bwe yayogera.

151 Baamugamba nti, "Bajjajjaffe baalya Emmaanu mu ddungu, ne banywa n'okuva mu Lwazi."

152 Era Ye. . .Yesu n'abagamba nti, "Naye bonna, baafa, buli omu ku bo," baayawukanyizibwa ddala emirembe Egitaggwaawo, mukiraba, buli omu ku bo.

153 Mulabeeyo, beemulugunya ku kkubo lya Katonda lye yali abawadde, y'ensonga lwaki baafa. (Kaakati, muwulirize n'obwegendereza, temusubwa ebigambo bino ebitono ebisembayo.) Beemulugunya! Ekyabaviirako okufiira mu ddungu, beemulugunya ku kkubo Katonda lye yali abawadde: okuyita mu Bubaka bw'omusajja-omu, eyali nnabbi, obukulembeze obw'omusajja omu. Mumbuulire ddi Katonda lwe yali akozesezza ekibinja okukulembera. Tolina w'okisanga mu Bayibuli. Musajja omu, ba. . .Ekigambo kyajja eri Musa!

154 Koola; fenna tukimanyi nti ya—yeekandagga ne yeemulugunya ku Katonda obutabeera mwenkanya, okukola ekintu nga ekyo, eky'okufuula omuntu omu okuba nga y'alina Obubaka. Yagamba nti, "Ffenna tuli batukuvu. Lwaki tetusobola kuba na kibiina kya ddiini? Era lwaki tetusobola kuba na. . .kuteekawo *kino,* ne tukola ne *kino*, ne tukola ne *kiri?"*

155 Katonda n'agamba Musa nti, "Mweyawuleko, Mmugumiikirizza nkooye." Era mujjukire nti, Yuda ayogera ku kintu kye kimu okubaawo, mu nnaku ez'oluvannyuma. Bwe kiri, "Baazikiririra mu kuwakana kwa Koola." Era tumanyi ekyatuuka ku Koola ne—n'abalala abaawakanya Ekigambo kya Katonda n'amagezi ga Katonda ag'okuba n'obukulembeze bw'omusajja oyo omu: bonna baazikirira.

156 Kati, tugenda kulaba Katonda mu nnabbi-omusumba, nga alaga enteekateeka Ze ez'ebiseera eby'omu maaso mu ddoboozi ly'akabonero akaddako. Kati, mulabeeyo. Tuzirabye *awo*, kati leka tuzirabe mu kabonero akaddako.

157 Kaakati, weetegereze, yatumwa eri baganda be abaali mu buddu, mu buwambe, n'Obubaka obw'okusumululwa, n'akabonero akaamuweebwa Katonda okukakasa by'Ayogera. Isiraeri baasembeza Obubaka bwe, baabukkiriza, buli omu ku bo, naye mu kiseera eky'akawungeezi. . .Baasembeza ebyamagero bye, naye mu kiseera eky'akawungeezi bwe baa. . .bwe yawa Obubaka, "Bwali bwa njawulo." Abo bonna abatakkiriza Bubaka obwo, baafa. Bwe kiri. Obubaka bwali bugamba butya? Obubaka bwali bukwata ku musango ogwali gugenda okujja. Akawungeezi, mu kiseera eky'akawungeezi, Katonda yayita mu lusiisira lwa Isiraeri okuzuula oba nga abantu baali bakkirizza Obubaka bwa nnabbi We omusumba; era bonna abaali tebabukkirizza, baazikirira.

158 Kaakati mwetegereze, tugenda kukikwanaganya n'Omusumba Omukulu mu ddakiika ntono. Mukiraba? Mwetegereze obuweereza bwa Nnabbi-Omusumba Omukulu. Ku kikwata ku byamagero Bye, buli kkanisa yaggulawo oluggi ne bamusembeza. Baali baagala abalwadde baabwe bawonyezebwe. Baali baagala akole ebintu eby'amaanyi. Ettutumu Lye lyali lya maanyi nnyo. Naye ekiseera eky'akawungeezi bwe kyatuuka, lumu bwe Yali amaze okufuula amazzi enviinyo, n'okuliisa enkumi n'enkumi, emigaati, era nga akoze ebyamagero, Yatuula wansi n'atandika okwogera nabo. Era n'Abagamba nti, "Nze ne Kitange tuli omu. Lwaki muŋŋamba nti, 'Tulage Kitaffe'?"

159 "Ha, ow'oluganda! Omusajja ono kati ayagala kwefuula eyenkanankana ne Katonda?" Ekyo kyali kikalubo nnyo eri endowooza yaabwe ey'eddiini. Naye ge gaali Amazima, ekyo kye Yali! Mukiraba? Naye bwe baakola bwe batyo, bangi tebaamugoberera.

160 Kye yava Akyuka n'abagamba nti, "Okuggyako nga mulidde Omubiri gw'Omwana w'omuntu, ne munywa n'Omusaayi Gwe, temulina Bulamu mu mmwe."

161 Kaakati, mulowooza omuntu ow'obwongo obwogi, omuyivu kiki kye yandirowoozezza? Nkubamu akafaananyi nga bakabona abaali bamwanirizza mu yeekaalu ba—

baaswala okukamala o—olw'okumuleetayo. "Okukirowoozaako obulowooza nti omuntu asobola okuyimirira n'ayogera ekintu ekifaananako bwe kityo mbu, 'Okuggyako nga bantu mmwe mulidde Omubiri Gwange, ne munywa n'Omusaayi Gwange.'" Baagamba nti, "Ono kanywa musaayi gw'abantu, mukiraba, 'Mulye Omubiri Gwange munywe ne. . .' Abaffe, ono musezi. Bantu mmwe abategeera obulungi . . . omuzoole oyo mumwewale."

162 Teyakinnyonnyola, Yakyogera bwogezi n'akireka awo! Yakikola kubeesittaza, okusobola okwawula endiga Ze okuva mu mbuzi. Yakikola kubeesalako. Era okuva ku olwo tewali yali ayagala kukolagana Naye. Tebaddamu kukolagana naye okuva ku olwo okweyongerayo. Mukiraba?

163 Mulabeeyo, mu kiseera eky'akawungeezi, Katonda yayita mu nsiisira alabe abo abaali bakkirizza. Era Yakola ekintu kye kimu ne mu nnaku z'Omusumba Omukulu. Mwetegereze obuweereza bwa Nnabbi-Omusumba Omukulu, naye mwekkaanye kino, eri abakkiriza b'Obubaka Bwe, naye si . . . Obubaka buno obw'akawungeezi, baagaana okubukkiriza. Baagaana okukkiriza nti Yali Katonda. Baali baagala kumufuula musajja omulungi. Baali baagala kumulaba nga nnabbi kyokka. Yali musajja mulungi, era Yali Nnabbi, naye Yali asingako ku ebyo. Eyo olwa leero y'enjigiriza eyigirizibwa buli wamu, mbu, "Yali muntu mulungi, yali nnabbi." Teyali kirala wabula Emmanweri yennyini! Yali Katonda eyalabisibwa mu Yesu Kristo Omwana We, ekyamufuula Ye ne Kitaawe okubeera omu. Ky'ekyo kyennyini kye Yali.

164 Zekkaliya 14:7, kino nakyo leka nkyogere, woogera ku Musana ogw'akawungeezi n'Obubaka nate ku nkomerero. Ekyo mwali mukyetegerezza? Abo bonna abaagoberera Musa, baalaba Empagi y'Omuliro eyamukakasa ku Lusozi Sinaayi. Yali yawa obujulizi, era nga yayogera ku Mpagi y'omuliro eno nga bwe yali mu kisaka n'emugamba Obubaka buno, naye bangi ku bo baagaana okugikkiriza. Naye bonna abaamugoberera okuva e Misiri, abaafuluma ensi ne basomoka ennyanja ey'okweyawula, ne bagenda mu ddungu, Empagi y'Omuliro y'emu eyo baagiraba gye yayogerako nga ekakasa nnabbi oyo omusumba okuba omusumba w'endiga, baagiraba, naye era bangi ku bo tebaagikkiriza oluvannyuma lw'okugiraba.

165 Mwetegereze engeri, nate era, Katonda oyo-atakyuka, Nnabbi-Omusumba Omukulu, gye yatwala abo abaamunywerererako wamu n'obuweereza Bwe n'abambusa waggulu ku Lusozi Olw'emizeyituuni; Nnabbi-Omusumba Omukulu, Oyo gwe twogerako, Yesu. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . ? . . . ne bawulira Kitaffe, Empagi y'Omuliro y'emu, nga amukakasa,

166 Katonda y'omu Musa gwe yayogerako, eyasiikiriza Musa

n'akakasa n'Empagi y'Omuliro nti Yali Yakuwa ye yali akulembera Musa. Katonda yali mu nnabbi We omusumba.

167 Wano Atwala Omusumba-Nnabbi omulala, Nnabbi Omukulu, Endiga Yennyini, Yesu, ne yeerobozaayo abasajja basatu, n'abatwala waggulu ku ntikko y'Olusozi Olw'emizeyituuni, era nga bali eyo n'akakasa Yesu. Era ne Yeeyawulira ddala ku bantu abalala bonna, n'agamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, mumuwulire!" Naye bwe baayimusa amaaso, ne batalaba muntu yenna okuggyako Yesu yekka. Bwe kiri. Ye yali Ye. Kaakati, nze nga bwe ndaba, ekyo kimala empaka. Mukiraba?

168 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . .? . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi.] . . .? . . . endabika. Musa yali mu kubeerawo kw'ekitiibwa kya Katonda ku Lusozi Sinaayi. Ne kukyusa endabika ye. Bwe yavaayo okukomawo, yalina oku—okubikkka ku maaso ge, omusumba-nnabbi Musa; Yakuwa gwe yalimu, mu kigero, ekigero obugero, amaaso ge. Yalina Ekigambo mu kamwa ke.

169 Naye wekkaanye ekyabaawo Omusumba Omukulu bwe yali mu kubeerawo kw'ekitiibwa kya Katonda. Kiki kye kyakola? Kyakyusa endabika Ye yonna. Ye teyali kitundu butundu ku Katonda, Yali Katonda mu bujjuvu! Yali Emmanweri.

Lwaki baalina kuba basumba?

170 Mulabeeyo! Kati, mulabe, Katonda Omuyinza wa byonna nga alawuna . . . manya, nga yeeyoleka Ye mwene, mu Musa omusumba-nnabbi. Mwekkaanye engeri Katonda gye Yeeyoleka. (Bino by'ebigambo bye ŋŋenda okumaliriza nabyo.) Mumulabe, ng'ayimiridde afukiddwaako amafuta mu kubeerawo kw'Empagi y'Omuliro! Tewaali muntu mulala yenna ku lusozi okuggyako Musa ne Yakuwa. Amiina! *Amiina* kitegeeza "kibeere bwe kityo."

171 Mwekkaanye! "Teeka omukono gwo mu kifuba kyo!" Naye, mwetegereze akabonero kano ak'okubiri kati akalina eddoboozi. "Teeka omukono gwo mu kifuba." Tetulina nsonga yonna etuleetera kukkiriza nti Musa yali akozesa mukono gwa kkono, kale ateekwa okuba nga gwali mukono gwe ogwa ddyo gwe yateeka mu kifuba kye, kubanga abantu abasinga ba ddyo. Yateekamu mukono gwe ogwa ddyo . . . Kaakati mulabeeyo! Nga kifaananyi ekirungi ennyo kye tulaba wano, ekya Yakuwa mu Musa omusumba-nnabbi! Musa yali akiikiridde Katonda, kubanga Katonda yali mu Musa. Mumulabe bw'ateeka . . . "Omukono gwo guteeke mu kifuba kyo." Nga kaali kabonero!

172 Kati, wuuyo nga ayimiridde, atadde omukono gwe ogwa ddyo ku mutima gwe (nga ayimiridde *bw'ati*) omwo ebyama by'obununuzi mwe byali byakwekebwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Eno y'ensonga lwaki baalina kuba basumba. Yesu gwe mukono gwa Katonda ogwa ddyo, ekyo ffenna tukimanyi.

Wuuyo Musa nga amwolekera ddala bulungi. Yalina ebyama bya Kitaffe, era abitulaze. Mwetegereze, mumulabe nga aggya omukono gwe ogwa ddyo okuva mu kifuba kye nga gukubiddwa ebigenge nnamutta. Kyali kiraga Katonda kye yali agenda okukola n'Omukono Gwe ogwa Ddyo. Mwekkaanye, ebigenge tebirina ddagala libiwonya. Mwekkaanye, nate era, tebyali bigenge ebya bulijjo, byali ku mutendera ogusembayo, nga byeru nga omuzira; omukono gwe gwakubibwa ekintu eky'entiisa. Ddala Musa yawulira atya bwe yaggya omukono gwe ogwa ddyo ku mutima gwe, okuva mu kifuba kye, nga omukono gwe gwonna gukubiddwa ebigenge! Ebigenge byoleka kibi, tekiwonyezeka, nnaddala ku mutendera gwakyo ogusembayo.

173 Era, ab'oluganda, awo ensi we yali etuuuse Katonda bwe yaggyayo Omukono gwe ogwa Ddyo okuva mu kifuba Kye! Ensi yakubibwa ebigenge nnamutta, nga tebirina wadde eddagala eribiwonya. Bwe kityo bwe kiri n'akawungeezi ka leero, kubanga baagaana okukkiriza eddagala. Eddagala lyakolebwa e Kalivaaliyo, naye abantu baagala kutwala ndagiriro ya buntu mu kifo ky'okutwala endagiriro ya Katonda ey'eddagala ly'ekibi.

174 Mwetegereze tebyajja mpolampola, nga ebigenge bwe bikwata, naye byajja omulundi gumu! Bwe yaggyayo omukono gwe, gwali gukubiddwa, nga gwonna gujjudde ebigenge. Mwetegereze Katonda kye yagamba nti, "Kaakati, temujja kutwalirizibwa mpolampola mu kibi; naye olunaku lwe muligulyako, ku olwo lwe mulifa." Era bwe kiri nti, "Olunaku lwe muligulyako."

175 Mwetegereze, yali nnabbi-omusumba ye yeekuba ebigenge. Yasitula omukono gwe, nga agondera ekiragiro kya Katonda, n'aguteeka mu kifuba kye, n'aguggyayo nga gukubiddwa ebigenge. Nnabbi-omusumba ye yakikola ye kennyini. Ne Nnabbi-Omusumba Omukulu, Yesu, yakikola Ye kennyini bwe yagamba nti, "Mpaayo obulamu Bwange, tewali muntu ayinza kubunzigyako." Ye yali Omusumba Omukulu, Nnabbi-Omusumba Omukulu, "Tewali muntu ayinza kubunzigyako, Nze kennyini Nze mbuwaayo." Mwetegereze tebyajja mpolampola, byabaawo mu ddakiika budakiika. Omusumba Omukulu, Yennyini, yeetikka omusango gwaffe ne Yeekuba, yatwala ebibi byaffe n'Abyetikka. Tekyewuunyisa okuba nti omutontomi yawandiika n'agamba nti:

> Wakati mu njazi ezibaluka n'eggulu erikutte
> enzikiza,
> Omulokozi wange yakoteka omutwe Gwe
> n'afa.
> Eggigi eryayawuzibwamu lyaggula ekkubo
> Eritutwala mu ssanyu ly'Eggulu n'olunaku
> olwo olutakoma.

176 Ekyama ekyo kyali mu kifuba kya Katonda okumala

emyaka gino gyonna, nga kibikkidwa n'omukono Gwe ogwa ddyo, Yesu. Omusumba Omukulu yeetikka omusango gwaffe ku Ye. Isaaya 53:6, wagamba nti, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe. Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe. Okubonerezebwa kw'emirembe gyaffe kwali ku Ye. Era olw'emiggo Gye tuwonyezebwa." Ekyama ky'okuwonyezebwa okuva eri Katonda kyali mu kifuba kya Yesu Kristo, manya Katonda, Yali ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo, oyo y'Endiga yokka eyali ekutte ekyama mu kifuba Kye. Eyo y'ensonga lwaki ebisiikirize ebyali bigisongako lubeerera yabeeranga ndiga! Eyasooka yali ndiga, n'eyasembayo yali Ndiga. Eyo y'ensonga lwaki Yalina kujja eri musumba, amanyi engeri y'okulabiriramu Endiga Ye. Mukitegeera? Mwetegereze, "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe, okubonerezebwa kw'emirembe gyaffe kwali ku Ye."

177 Mwetegereze, byajja mangu; era ne bigenda mangu, omukono olwali okuggyibwa mu kifuba omulundi ogw'okubiri. Endwadde nnamutta yali egenze, bwe yaguggyayo omulundi ogw'okubiri. Era Omusumba Omukulu, Endiga-Nnabbi, bwe Yayogera nti . . . Ku musaalaba ogw'Ekalivaaliyo, ffenna bwe Yali amaze okutusasulira omutango gw'ekibi, Yagamba nti, "Kiwedde." Ekibi kyakoma awo, omutango gwali gusasuddwa, amabanja gonna gaali gasasuddwa! Tekyatwala mwaka, oba oluvannyuma okukiyingiramu mu nnaku z'omuddaabuluzi omulala oba ekintu ekirala kyonna, kyaggwera awo wennyini!

178 Ekibi kyayingirawo mu kaseera buseera, olw'okusobya Amateeka ga Katonda, olw'okumenya Ekigambo kimu bwe kiti. Akawungeezi ka leero, baganda bange, emmeeme yo erengejjera waggulu wa ggeyeena nga yeekutte ku lujegere. Era olujegere olwo ssi njigiriza okuva mu limu ku matendekero g'eby'eddiini, olujegere olwo ssi kibiina kya ddiini oba ekikwate ky'enzikiriza ky'oddiŋŋana, olujegere olwo Kigambo kya Katonda! Yesu yawa oluse lw'abantu Ekigambo Kye basobole okuba abalamu, naye Kaawa n'amenya ennyingo Yaakyo emu bw'eti. Era a . . . olujegere lwonna awasinga obunafu we waba amaanyi gaalwo. Bwe kakutanda n'oggyamu Ekigambo kimu bwe kiti . . . Ekyo kye kyaliwo Ekitabo gye kitandikira.

Yesu n'ajja mu makkati g'Ekitabo, n'agamba nti, "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Ago ge gaali amakkati g'Ekitabo.

Ku nkomerero y'Ekitabo, n'Agamba nti, "Buli alitoolako wadde Ekigambo ekimu bwe kiti (Ekigambo ekimu bwe kiti n'akivvuunula mu bukyamu), n'abaako Ekigambo bwe kiti ky'aggyamu Muno, omugabo gwe Ndiguggya mu Kitabo ky'Obulamu." Oyita waggulu wa ggeyeena, nga weekutte ku Kigambo kya Katonda. Tokkirizanga omuntu yenna

okubaako ekintu kyonna ky'akwongereramu ekitali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA!

179 Ha, ndaba...Kati, bagamba mbu, "Mazima ddala, ku byonna bye tukoze. Ku byonna bye tukoze!" Ekyo ob'olyawo bakabona abakulu n'abalala kye baalowooza mu nnaku z'Omusumba Omukulu. Ekyo Kaawa kye yalowooza. Ekyo Ssetaani kye yamugamba mbu, "Mazima ddala Katonda tajja kukikola." Naye Yakikola, kubanga Yagamba nti Alikikola. Era eyo y'ensonga lwaki ne leero Ajja kuddamu akikole.

180 Ky'ova olaba, nga Yagamba nti, "Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, emmeeme omunaana mwe zaalokolebwa, okuyita mu mazzi, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Mukiraba, batono nnyo ddala, "Kubanga omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo erigenda mu Bulamu, era batono nnyo ddala abaliriraba." Bwe kiri. "Kubanga ekkubo ggazi erigenda mu kuzikirira, era bangi abaliriwabiramu."

181 Omusumba Omukulu bwe yakubibwa, oyo Nnabbi-Endiga Enkulu, bwe Yafumitibwa mu kiseera ekyo, Yagamba nti, "Kiwedde!" Era mu ddakiika eyo yennyini, Omusumba ono olwali okufumitibwa ati, kyali kiwedde. Ekibi kyaggwa okusasulwa, kati tewakyali kibi. Baali balongoofu, omutango gwali gusasuddwa. Abakkiriza amannya gaabwe agaawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu, abaateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi, kyaggwa mu ddakiika eyo yennyini Yesu mwe yagambira nti kiwedde. Ye, Omusumba Omukulu, yali azze okukima endiga Ze. Kyali kiwedde, omukono gwa Katonda ogwa ddyo gwali guggyiddwa mu kifuba Kye, ne gukubibwa. Era ku Paasika n'addamu n'Agukomyawo (amiina), n'aguzza nate mu kifuba Kye, era n'agwanjuluza eri ggwe nange, mu nkula ey'Ekigambo Kye, okutununula okutuzzaayo mu lusuku olwasooka ekibi gye kyatugobesa. Ekyama ekikusike ekyali mu mutima Gwe ogw'ekitalo kyabikkulwa Nnabbi-Omusumba. Kyabikkulwa Musumba, Nnabbi-Omusumba.

182 Ky'ova olaba ensozi zaabuuka era ne zireekaana ku lunaku olwo. Ky'ova olaba enjuba yakweka obwenyi bwayo n'ereekaana olw'essanyu. Ky'ova olaba obutonde bwonna bwatabanguka; embuyaga n'eyuuguumya emiti ne gyenyeenya ne gyenyeenya, ne gisagambiza, ne gibuukabuuka. Obutonde bwalaba Nnabbi-Omusumba, ku lusozi, nga anunula buli linnya eryali mu Kitabo ky'Obulamu. Ne bukiraba nti nabwo bwennyini nga obutonde bwali bununuliddwa! Ne buleekaana, ne bubuukabuuka. Ensi n'ekankana. Ensozi ne zeeyabuluzaamu, enjazi ne zigwa eri. Enjuba n'ezikira. Na—na buli kimu ekyabaawo. Kiringa mu lukuŋŋaana lwonna, Omusumba bwakikubikkulira nti "kiwedde!" Awo...

183 Ndabye abantu ababuukabuuka, n'abasagambiza olw'essanyu, naye nga tewali n'omu atuusibwako bulumi. Ensozi zaayuguuma, ne...enjuba n'ezikira, buli kimu ne kibaawo, naye tewali n'omu yakosebwa. Era ndabye ku nkuŋŋaana amaanyi ga Katonda lwe gabikkulwa eri abantu ne bakitegeera nti "ba ddembe okuva eri ensi n'ebintu by'ensi," ekibiina ne kibugaana essanyu lya Mukama. Ne bayimirira ne baleekaana, ne bakaaba, ne baleekaanira ku ntikko y'amaloboozi gaabwe, olw'ekitiibwa kya Katonda. Ssirabanga kintu kyonna kikolebwa mu nkola etali nnuŋŋamu, lubeerera bagoberera enkola ennuŋŋamu; kubanga babeera bakitegedde nti, erinnya lyabwe lyawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa. Nga Nnabbi-Omusumba omukulu abaleetedde Obubaka, era basumuluddwa, Nnabbi-Omusumba. Bannaddiini ne bwe baakyogereranga ebyenkana wa, bo baali bamanyi ekibaddewo. Nga n'abasumba bali bwe baakola mu kiseera kiri, baali bamanyi kiki ekyali kibaddewo.

184 Tewali muntu akkirizibwa kuyingira mu kituuti ekitukuvu kubuulira Kigambo okutuusa nga akoze nga Musa bwe yakola, n'asisinkana Katonda, ye kennyini, okutuusa nga tewali yenna yasomerera bya ddiini ayinza kukimuggyamu. Musa yaliyo! Ababaka ba Isiraeri ne bwe baagamba mbu, "ha, ebyo bya butaliimu, wateebereza biteebereze mbu wabiraba; butaliimu," Ekyo wali toyinza kukimuggyako, yali akimanyi! Yaliyo! Ye gwe kyatuukako! Era tewali muntu yenna mbu kubanga alina di—diguli mu by'eddiini oba diguli y'obwa dokita akkirizibwa kuyimirira mabega wa kituuti, kulangirira Bubaka bwa Yesu Kristo, okutuusa nga asoose kusisinkana Katonda maaso ku maaso mu Mpagi y'Omuliro. Talina lukusa kweyita mubaka, kubanga Ekyo abaasomerera eby'eddiini bonna mu nsi tebayinza kukikuggyako. Kyatuuka ku ggwe! Ggwe waliwo, okimanyi. Ssifaayo omuntu omulala yenna ky'agamba, oba agamba mbu, "ennaku z'ebyo zaayita, tebikyaliwo," gwe... kyatuuka ku ggwe, era kyabaawo okusinziira ku Kigambo.

185 Weewaawo, eyo y'ensonga lwaki Musa yakitegeera nti Eddoboozi lino eryayogera naye, lyali Ddoboozi lya Kigambo. Yali akimanyi nti Katonda yagamba Ibulayimu nti, "Ezzadde lyo baliba bagenyi okumala emyaka ebikumi bina, naye Ndibanunula." Era yali akimanyi nti emyaka ebikumi ebina gyali giweddeyo era yali ayitiddwa okukikola.

186 Mmwe abasajja n'abakazi, Katonda yasuubiza mu nnaku zino ez'oluvannyuma nti Alifuka Omwoyo We ku bonna abalina omubiri. Yasuubiza nti Alisindika Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, era nti Aliyita Omugole atalina bbala wadde olufunyiro. Yasuubiza okukikola, Ajja kukikola. Temuwuliriza basumba bano abakolera empeera, bajja kubawabya. Omwoyo Omutukuvu ye Musumba anaabaliisa emmere y'endiga okuva

mu Kigambo kino. Bulijjo Kirina kujja kuyita mu Musumba. Ye Musumba waffe. Mumuwulirize, mmwe endiga ez'omu ddundiro Lye; bwe muba ye mmwe, muwulire Eddoboozi Lye. Ssi ekyo omuntu omulala ky'agamba, wabula muwulire ekyo Ye ky'ayogera. Eddoboozi ly'omugwiira, temulina kye mulimanyiiko.

187 Ha, bannange, nate muwulire omusumba-nabbi oyo ow'amaanyi, nga avvuunula era nga abanjulira, Yokaana, bwe yayimirira mu mugga Yoludaani, mulabe kye yayogera, bwe yayimirira n'abuulira, n'agamba nti, “Ekiseera kijja . . . ”

188 Mulabeeyo, Yokaana yali mwana wa kabona. Bulijjo baagobereranga lu—lunyiriri lwa bakitaabwe, eyo y'engeri gye twafunamu amannya gaffe, okuva mw'ebyo bye baakola, mwe mwavanga amannya ge baabayita. Era Yokaana yalina kuba kabona nga kitaawe.

189 Era, mumanyi, nga nnyina, bwe yafuna olubuto, oluvannyuma lwa Malayika wa Mukama bwe yasisinkana kitaawe Zaakaliya, n'agenda n'akyalira Erizabesi, eyali olubuto lwa myezi mukaaga, nga anaatera okuzaala, naye omwana gwe yalina mu nda ye yali tannafuna bulamu, nga mweraliikirivu kubanga omwana yali teyeenyeenyangako munda mu lubuto. Ekyo si kya bulijjo.

190 Naye Omwoyo Omutukuvu, Malayika wa Mukama n'alabikira Malyamu, n'amugamba nti yali “agenda kuzaala omwana, nga tamanyi musajja,” n'amubuulira ku mbeera ya Erizabesi.

191 N'alinnyalinnya ensozi za Buyudaaya okugenda ategeeze Erizabesi. Era bwe yasisinkana Erizabesi, n'amutegeeza nga bwe “yali agenda okuba maama.” Naye n'atasobola kukitegeera, “nga tamanyi musajja.” Naye n'amugamba nti, “Omwoyo Omutukuvu yansiikiriza, era n'aŋŋamba nti Ekintu kino Ekitukuvu kye ŋŋenda okuzaala kiriyitibwa ‘Omwana wa Katonda,’ era ndimutuuma Erinnya Lye ‘Yesu.’” Era omulundi ogwasookera ddala erinnya Yesu okwogerwa mu mimwa gy'abantu, omwana omuto eyali omufu, mu lubuto lwa nnyina, n'abuukabuuka olw'essanyu era n'aleekaana; n'abuukabuuka mu lubuto lwa nnyina, ate nga yali tafunanga bulamu.

192 Erinnya lya Yesu Kristo lyayogera obulamu mu mwana omufu. Liyinza kukola ki mu kkanisa egamba nti yazaalibwa omulundi ogw'okubiri?

193 Naye ne tutuula awo ne tutabaako kye tukola, ne tuleka ebintu eby'engeri eyo ne bigenda mu maaso. Ne mutya okusituka okujulira ku ekyo kye mumanyi, muvumirire kacica ono yenna, mulage nti Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kiseera kya Ssekukkulu, mufulumye bino bi Faaza Kulisimaasi n'ebiringa ebyo, muggyeewo kacica oyo ow'okufuula ssekukkulu eky'obusuubuzi. Wa we mwali muwulidde Faaza Kulisimaasi mu

Bayibuli? Lufumo lwa Baruumi, teruliimu makulu gonna yadde, teriiyo kintu nga ekyo. Temugeza okuyigiriza abaana bammwe kacica ow'engeri eyo. Lumu bw'olituuka okumugamba nti lwali lufumo bufumo, omwana wo oyo oliba wamulimba. Era kijja kukosa obujulizi bwo obukwata ku Yesu Kristo, aligamba nti, "Ob'olyawo ne Yesu lufumo bufumo." Mukomyeewo Yesu Kristo Omusumba-nnabbi omukulu mu Ssekukkulu mw'alina okuba.

194 Mwetegereze, muwulirize nnabbi ono, Yokaana, nga ayimiridde awo. Ffenna tukimanyi nti yali omusumba-nnabbi ow'amaanyi. Kati, yalina obubaka, Malayika yali akimanyi bulungi nti agenda kwanjula Yesu.

195 Kati, yali tasobola kugenda mu ttendekero lya bya ddiini. Bandigambye nti, "Kati, okimanyi bulungi nti Dokita *Gundi* ye muntu omutuufu okutwala ekifo ekyo. Ye ggwe ow'okumwanjula. Era ekyo okimanyi bulungi. . . " Mukiraba, yali tasobola kwetabika na bantu.

196 Ku myaka mwenda, tutegeezebwa nti, yagenda mu ddungu okweteekateeka mu maaso ga Katonda. Eyo abasumba gye bava. Mwekkaanye obubaka bwe tebwali nga obw'omuntu eyasomerera eby'eddiini, akozesa ebigambo ebinene, ebiwuniikiriza eby'eddaala erya waggulu. Yagamba nti, "O, mmwe abaana b'emisota." Nga agamba abasajja bannaddiini, "Mmwe eggana ly'emisota." Ky'ekyo kye yalaba ku ttale, yalaba musota. Ekintu ekisingayo okuba ekya wansi kye yalaba gwali musota, era ekyo kye yayita bakabona ne bannaddiini n'abaasomerera eby'eddiini ab'ekiseera ekyo nti, "Mmwe eggana ly'emisota!" N'agamba nti, "Ani abalabudde okuduka obusungu obugenda okujja? Temugeza okugamba mbu, 'tuli ba *kino*, oba tuli ba *kiri,*' kubanga mbagamba nti okuva mu mayinja gano Katonda asobola okuyimusizaamu Ibulayimu abaana." Amayinja, ge yali yalaba mu ddungu. "N'ekirala, embazzi eteekeddwa ku kikolo ky'omuti." Ebyo bye yali yalaba: misota, miti, ddungu. Era, mukiraba, n'obubaka bwe bwe butyo bwe bwali. Yali tamanyi bigambo binene ebiwuniikiriza dokita eyasoma eby'eddiini, bye yali asobola okujungulula, yabuulira bubuulizi ku butonde.

197 Ekyo kye twoleka wano: omuggo gw'omusumba, omusumba, endiga, butonde.

198 Yakola ki? Yalina ekintu eky'amaanyi kye yalina okukola, ye yalina okumanya Masiya. Yagamba nti, "Mbagamba nti, 'Ayimiridde wano mu makkati gammwe mu kaseera kano. Naye temumumanyi, kubanga enjigiriza zammwe ez'eddiini zaabasiba nnyo, temumanyi na we muli.'"

199 Lumu Yesu n'ajja nga atambula, n'agamba nti, "Mulabeeyo, wuuyo Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi." Omwana gw'endiga! Aleeruuya! Okutangirirwa okwa nnamaddala! Wuuyo ajja oyo buli ndiga okuviira ddala mu

lusuku Edeni gwe yali eyoleka, Omuntu owa bulijjo nga atambula nga aserengeta emmanga ku mugga.

200 Ne bamubuuza nti, "Yokaana, omutegedde otya nti ye Ye? Nze ssimmulabako kintu kyonna kya njawulo."

201 "Naye nze ntegeeza, nga nnalaba Omwoyo wa Katonda nga akka nga ejjiba, n'Eddoboozi nga ligamba nti, 'Ono ye Mwana Wange omwagalwa gwe nsanyukira okutuulamu.'"

202 Mulabe Ejjiba n'Omwana gw'endiga. Mukiraba? Weewaawo. Watya ssinga kyali . . . watya ssinga kyali kintu . . . Watya ssinga gwali musege nga guyimiridde awo? Eky'amazima, Omwana gw'endiga ogwo tegwandisse ku . . . manya Ejjiba eryo . . . Katonda Yeeyoleka nga jjiba, ekinyonyi ekisingayo okuba ekiwombeefu mu bibuuka mu bbanga; Omwana We n'ayolesebwa nga ndiga, ensolo esingirayo ddala obuwombeefu mu nsolo zonna ez'oku nsi. Mukiraba, ekinyonyi ekirongoofu mu bibuuka mu bbanga, ssi nnamuŋŋoona; si nsega, naye ejjiba. Ssi mbizzi, naye mwana gwa ndiga. Era buba kuba butonde obulala bwonna tebyandisobodde kukwatagana.

203 Era mwetegereze Ejjiba bwe lyakka ku Mwana gw'endiga, Lyamukulembera. Ssi nga Ye bwe yandyagadde, wabula nga Kitaffe bwe yali ayagala okumukulembera. Bwe gutyo omwana gw'endiga omutuufu olwa leero bwe gulina okuba. O mmwe endiga ez'ekiseera kya Ssekukkulu, temukimanyi nti Katonda akozesa Kigambo Kye kyokka okukulembera? Ogwo gwe muggo Gwe.

204 Tebalina kye baalaba kyabaawo, naye Yokaana yagamba nti, "Abalala tebaakiraba, naye nze ntegeeza nti, 'Nnakiraba.'" N'amwanjula: "Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi."

205 Kaakano nange nsaba nnyanjule Obubaka bwange obwa Ssekukkulu, nga bwe mmaliriza: "Yesu Kristo, abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ye Mwana gw'endiga ogwo gwe gumu. Akyali Mwana gwa ndiga olwa leero nga bwe Yali mu kiseera kiri. Ali wano mu ngeri y'emu nga bwe Yaliwo mu kiseera kiri, kubanga Ekigambo Kye kye kimu. "Ababiri oba abasatu we bakuŋŋaanira mu Linnya lyange, Mbeera mu makkati gaabwe." Ky'ekyo kyennyini kye Yagamba. Takyuka n'akatono, Ye Katonda Ekigambo. Takyuka; akyagabira endiga Ze, era aziriisa nga akozesa Omusumba We Nnabbi, n'aziwa emmere Ye ey'endiga okusooka. Ssi kugiwa baasomerera bya ddiini; wabula eri endiga Ze.

206 Tebajja . . . Abalala bayinza batya okugirya. Naye abagezi . . . Mulabeeyo kino! Naye abagezi n'abayivu, abakenkufu ab'ensi, ne basigala nga beegomba okugamba mbu Faaza Kulisimaasi gy'ali. Era waliwo ebya buli ngeri ebyayiiyizibwa obuyiiyizibwa n'ebintu ebirala bye basinza, kubanga baagaana okumukkiriza Ye, Ekigambo; kubanga mu

bibiina byabwe eby'amadiini, Ekigambo ekyo tekikwatagana na ntegeera yaabwe, abasumba abakolera empeera ab'ekiseera kino. Abakolera empeera okuva mu bikwate eby'enzikiriza, abaagala okubagatta awamu mubeere wansi w'embuzi emu, temugeza ne mubikkiriza! Bajja kubakulemberamu babayingize lufula. Muwulirize Omusumba Omukulu oyo eyazaalibwa emyaka lukumi mu lwenda egiyise, omwezi guno. Mu kiseera ekimu, mu Bubaka Bwe, wajja abasumba abatuufu abaali bamanyi okulabirira endiga.

207 Tukiraba nti, bakyabyegomba. Ekigambo ekyo leero tebajja kukikkiriza, era nga bwe bataakikkiriza mu kiseera kiri, kubanga tekikwatagana na ntegeera yaabwe ey'enjigiriza y'eddiini. Bakyusakyusa Ekigambo ekyo kikwatagane n'ekibiina kyabwe, naye tebajja kubuulira Kigambo. Tebajja! Bagamba mbu, "Naye, ekyo kyali kya mu biro bya batume. Tekitegeeza *kino*." Kitegeereza ddala ekyo kyennyini Kye kyogera, Tekyetaaga muntu yenna ku . . . ? . . . kukibavvuunulira.

208 Kati mu kiseera kino leka tukoteke emitwe gyaffe n'emitima gyaffe okwolekera enfuufu y'ensi, twanguwe mangu nnyo tugende awali emmanvu, tulabe era tusembeze Omusana Ekigambo kino gwe kireeta okuyita mu Musumba: Omusumba-Nnabbi Omukulu, Yesu Kristo Omwana wa Katonda. Nduddewo nga njogera gyemuli. Nnandiba nga ebigambo byange ssibisengese nga munnaddiini bwe yandibisengese, ekyo sigezaako kukikola. Ngezaako okukyogera nga bw'Akimpa.

209 Naye, mulaba lwaki baalina kuba basumba? Bali abalala baali baatendekebwa mu ngeri ndala ne balemwa n'okukikkiriza. N'olwa leero tulina abalabirizi ab'oku ntikko aba buli ngeri, abatwala disitulikiti, abalabirizi, bakabona, bakaliddinaali, ba ppaapa, n'abalala aba buli ngeri mu nsi, okugezaako okutukulembera. Naye Katonda yatuwa Omusumba, era Omusumba oyo ye Mwoyo Omutukuvu.

210 Kaakati mumpulirize. "Ye . . . " (ssi kirowoozo bulowoozo, *Ye* eba nnakasigirwa ey'omuntu) "Ye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja (Omwoyo w'Amazima), Alibabikkulira ebintu bino bye Mbagambye, era alibalaga ebigenda okujja." Oyo ye Musumba Omukulu, oyo ye Musumba Yesu gwe yalekawo. Era Omwoyo Omutukuvu ye yawandiika Bayibuli, bw'etyo Bayibuli bw'egamba nti, "Abasajja ab'edda, nga baluŋŋamizibwa Omwoyo Omutukuvu, baawandiika Ekigambo." Kaakati, Omwoyo Omutukuvu asobola okukuwalula n'akutwala eri ekikwate eky'enjigiriza? Asobola okukuwalula—okukuwalula n'akutwala eri ekintu Ekigambo kino kye kitayogera? Ddala, ekyo tekisoboka n'akatono. Awo Omwoyo Omutukuvu abeera mulimba bw'aba Yagamba nti "*Kino* kye mulina okukola," ate oluvannyuma ne yeekuba endobo n'agamba nti, "Nedda, Kiri yali nsobi, kati mukole ekyo ekkanisa ky'egamba okukola."

211 Kaakati, bw'oba obadde olina ky'owuliriza, ekirala nga kyakuwalula ne kikujja, ku Musumba omutuufu owa nnamaddala anaakukulembera akutwale eri Ekigambo, Omwoyo Omutukuvu, nga tolina bumanyirivu, era nga tolina bujulirwa bwa Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bwo, ate nga awatali. . .

212 Katonda ali Omu. Katonda ye yekka alina Obulamu Obutaggwaawo, era Ye Bulamu Obutaggwaawo. Era buli kintu kyonna ekirina lwe kyatandika kirina lwe kirikoma. Kati bw'oba oli mmemba wa kkansia kyokka, ekkanisa erina lwe yatandika. Naye Ekigambo kya Katonda tekirina lwe kyatandika, Katonda talina. . .Era bw'ozaalibwa Katonda, ozaalibwa Ekigambo, olwo n'ofuuka omwana wa Katonda, era erinnya lyo lyawandiikibwa mu Kitabo ky'Omwana gw'endiga eky'Obulamu nga n'ensi tennatondebwa. Era ggwe, langi y'enviiri z'olina, langi y'emmunye z'amaaso g'olina, n'ekikula kyo, Katonda yakulaba nga n'ensi tennatondebwa. Era Yakulaba nga oli muntu, nga bw'oli. Era ne bwe wabaawo emyaka emirala akakadde kalamba, tewali kintu kyonna kiyinza kukuziyiza kukomawo eri kifaananyi ekyo ekituukiridde Katonda kye yakwawulira okuba ku lubereberye, "Endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange, tezijja kugoberera mugwira."

213 Era bw'oba tokkirizanga Bulamu obwo Obutaggwaawo, akawungeezi kano, nga otunuulidde mboozi e—e—eyayiiyizibwa obuyiiyizibwa ey'omwana omuwere agalamidde mu—mu—mu mmanvu, nga yeetoolooddwa abasajja abagezigezi, togeza okukkiriza ebintu eby'engeri eyo. Nga ogezaako okulowooza mbu, "Nze, nja kweyisa bulungi. Era nja kukola *kino*. Era nja kwegatta ku kkanisa. Era ekyo kye kyokka kye nneetaaga okukola." Obeera obuze. Bw'oba tolina Bulamu Butaggwaawo, oyinza otya okubeera omulamu emirembe n'emirembe?

214 Osobola okukwata empeke ya kasooli, ssifaayo k'ebeere nga erabika nga nnamu bulungi okwenkana wa, osobola okug-. . . Ssaayansi alina gy'akoze, nga osobola okugisalamu wakati: erina amazzi ge gamu, omutima gwe gumu, ebirungo bye bimu empeke ey'omu nnimiro by'erina, ebintu by'ebimu. Osobola n'okuziteeka mu kkeberero, n'otasobola kuzaawula: emu ejja kuvaamu akawunga ka kasooli akalungi era nga n'endala, emu ejja kuvaamu emberenge ze zimu nga n'eri endala. Naye engeri yokka gy'osobola okuzaawula, kwe kuziziika mu ttaka. Omuntu gye yakola, esigalayo, n'evunda era terimeruka. Naye eyo Katonda gye yakola, erimu akaweke ak'obulamu, eddamu n'eba nnamu.

215 Osobola okugeegeenya Omukristaayo, osobola okugenda ku kkanisa nga Omukristaayo, osobola okuteeka erinnya lyo mu kitabo nga Omukristaayo, osobola okwegatta ku kibiina ky'eddiini nga Omukristaayo; ebyo byonna tebiriimu kabi, naye okuggyako nga Obulamu obwo Obutaggwaawo buli mu

ggwe Omusumba oyo Omulungi bwe yaweerayo Obulamu Bwe, okwawula. . .Katonda bwe yakka ku Pentekoote, Yakkira mu nkulungo y'omuliro nga bwe Yakola ku Lusozi Sinaayi, nga bwe Yakola eri omusumba eyasooka, Musa. Era bwe Yakka wansi, Yeeyawulamu mu nnimi ez'omuliro ezaatuula ku buli omu ku bo, nga Katonda yeegabanyamu mu bantu Be. Era okuggyako nga wafuna ekyo. . .Peetero kye yagamba nti "Kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'abo abali ewala."

216 Ab'emikwano, towuliriza nfumo za njigiriza za ddiini, zaalibwa omulundi ogw'okubiri. Era bw'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, Omwoyo ali mu ggwe abeera kitundu ku Katonda, era ajulira eri buli Kigambo kya Katonda nti "Ge Mazima." Obumanyirivu obwo bw'oba tobufunanga, leka kaakano twanguwe tweyune okugenda eri emmanvu, Ekigambo. Leka twanguwe tugende eri Bayibuli, twamuke amakanisa gano agaayooyootebwa n'enjogera ez'enjigiriza y'eddiini, tugende eri emmanvu yennyini, eri Ekigambo kya Katonda Masiya gy'ayolesebwa.

Nga tukotese emitwe gyaffe, leka tusabe.

217 Ayi Katonda omwagalwa, ekyo kye kyokka kye mmanyi okwogera mu kiseera kino. Tugenda mu Ssekukkulu, enguudo zijjuddemu abasajja n'abakazi, abalenzi n'abawala, nga basindikagana bwe beenyigiriza, bagezaako okugula ekirabo eky'okuwa abo nabo abanaabawa ebirabo. Abantu bangi abeeyita Abakristaayo bali ku nguudo bagula sigala, n'ebitamiiza, nga ebirabo bya Ssekukkulu. Ayi Katonda, kirabika nga ababikukuba mu maaso Go, nga bayigiriza abaana baabwe ekintu ekyayiiyizibwa obuyiiyizibwa, eky'enjigiriza y'e Rooma ey'ekikaafiiri eya Nicholas Omutuukirivu, enfumo ensi gy'emala gakkiriza, naye ne basambajja Kristo yennyini owa Ssekukkulu, Omwana gw'endiga gwennyini.

218 Ayi Katonda, nkusaba, akawungeezi kano, nti nga bwe tukotese emitwe gyaffe okugyolekeza enfuufu mwe Watuggya,. . .lumu Wagamba Ibulayimu, nnabbi-omusumba omukulu nti, "Fuluma wabweru, Ibulayimu, obale omusenyu oguli ku lubalama lw'ennyanja."

219 N'akwanukula n'agamba nti, "Tegubalika, ssiyinza kugubala."

220 Era n'Omugamba nti, "Tunula waggulu mu bwengula, obale emmunyeenye." Era yali akimanyi nti ekyo kyali tekisoboka. Bw'otyo n'Omugamba nti, "Bwe lityo ezzadde lyo bwe liriba." Tutunuulira obubaka obwo eri nnabbi oyo omusumba, "okuva mu nfuufu y'ensi, okutuuka ku mmunyeenye ez'omu bwengula," nti newankubadde nga mu mibiri gyaffe egifa mulimu okufa okututwala mu ttaka, waliwo Obulamu obusobola okutuzuukiza ne bututwala eri emmunyeenye.

221 Nga bwe Wagamba nnabbi Wo omukulu Danyeri nti, “Era abo abamanyi Katonda waabwe, mu nnaku ez’oluvannyuma, balikola eby’obuzira. N’abo abakyusa abangi eri obutuukirivu balyaakayakana nga emmunyeenye emirembe n’emirembe.”

222 Ayi Mukama Katonda, Omutonzi ow’amaanyi, Ggwe eyali omwetegefu ennyo ddala okujja ku nsi mu nkula ya Yesu, okusobozesa abantu okutegeera Katonda kye yali. Era Ggwe Wekka eyali asobola okwetikka ekibonerezo ky’okufa, tewali Malayika, tewali kintu kirala kyonna kyali kisobola kukikola. Ggwe wateekawo ekibonerezo, era Ggwe wekka ggwe wali osobola okukiggyirawo ddala mu bwenkanya. Naye kubanga oli Mwoyo, Wali toyinza kufa. Naye Wafuuka omuntu Osobole okufa; era wafuuka Omwana gw’endiga Osobole okuggyawo ekibi ky’abanunule Bo, be Walina okununula n’Omusaayi Gwo Gwennyini.

223 O, emboozi eyo nga nkulu nnyo, ayi Mukama, abantu bangi ebayita buyisi ku mitwe. Okukirowoozaako obulowooza nti: “Omuto Yakuwa, nga agalamidde mu mmanvu, Yalina okubeerawo nga omwana omuwere. Omuto Yakuwa, n’azaalibwa mu kisibo. Omuto Yakuwa, nga azannya n’abaana ku luguudo. Omuto Yakuwa, nga omuvubuka omutiini. Omuto Yakuwa, omwana w’essomero. Era Yakuwa, Ow’amaanyi.” Watwala ebifo bino byonna. “Ne, Yakuwa, Omwana gw’endiga. Yakuwa, Nnabbi.” Era Wafuuka bino byonna Osobole okubonaabona ku lw’ekibonerezo ky’ekibi, era otuwe Obulamu Obutaggwaawo.

224 Tusonyiwe, Ai Katonda, ffe, ebitonde ebitasaanidde eby’ensi eno, abatalina bwe tuli. Tukwatibwa ensonyi akawungeezi kano, ayi Mukama, bwe tusoma ku by’Otukoledde, nga ffe tukukoledde bitono nnyo. Nga bwe Wajja mu biseera eby’abakulembeze ab’amaanyi! Nga bwe Weewaayo okuyimirira oyolese Ekigambo kya Kitaffe! Nga bw’Otekkiriranya na njigiriza zaabwe! Naye nga leero kirabika nga awatali muntu yenna mwetegefu kwesowolayo kugamba nti Ekigambo kikyali “Kigambo,” n’atekkiriranya. Tukusaba, ayi Katonda, Otusonyiwe olw’ebintu bino bye tulagajjalidde ennyo. Era otuwe akawungeezi kano, mu mitima gyaffe, nga bwe tugiwaayo gy’Oli nga emmanvu. Kubanga tukimanyi nti buli mulundi Kristo eyakomererwa lwakkirizibwa, wabaawo okuzaalibwa okuggya, wabaawo endiga ezaalibwa, Bamalayika mu Ggulu bayimba. Omwonoonyi omu bw’ati bwe yeenenya, Bamalayika baddamu ne bayimba.

225 Tukusaba, ayi Katonda, nti bwe wabaawo omuntu yenna wano akawungeezi kano atakumanyi nga Ekirabo kya Katonda ekya nnamaddala, nga Omulokozi we, ssi mu ntegeera ey’obwongo yokka, naye mu kuzaalibwa obuggya n’Omwoyo Wo, leka afune Omwoyo oyo kaakano, ayi Mukama, nga tukyakotese emitwe gyaffe. Era bwe wabaawo omuntu yenna, ayi Mukama, kino atannakikola, leka emitima gyabwe gibugaane essanyu kaakano, era bazuule nga bwe kyali ku

basumba bali ab'edda, mu mmanvu y'emitima gyabwe, Ekigambo, Masiya; ekinaakakasibwa gye bali nga Omwoyo Omutukuvu, oyo Omusumba Omukulu ow'ekiseera kino. Kino tukisabye mu Linnya lya Yesu.

226 Nga tukyakotose emitwe gyaffe, era nsuubira nga n'emitima gyaffe givunnamye, wandyagadde—wandyagadde, muganda wange omwagalwa, k'obeere nga oli mmemba wa kkanisa... Era ka nsuubire nti ssirumizza nneewulira zammwe nga njogera bye njogedde. Si...Kirungi okubeera n'ekkanisa mw'ogwa, ekyo tulina okukikola, naye, O ow'oluganda, ekyo togeza okukikkiriza, oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Ky'ekyo Nnabbi-Omusumba Omukulu kye yagamba nti, "Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri." Ekyo Yakigamba omusajja eyasomerera eby'eddiini nti, "Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri."

227 Ate bw'ozaalibwa omulundi ogw'okubiri, tekibeera lwakuba nti okkirizza kyokka. Bagamba mbu, "Bw'okkiriza obeera ozaaliddwa."

228 Naye Bayibuli egamba nti, "Ne ssetaani, akkiririza." Kaakati, labayo, si ky'ekyo, wabula wabaawo ekikutuukako.

229 Oyinza okugamba nti, "Naye, ntambulidde mu bulamu obulongoofu."

230 N'abatume baabutambuliramu, naye baali tebannazaalibwa mulundi gwa kubiri okutuusa lwe baafuna Omwoyo Omutukuvu. N'okukyusibwa baali tebakyusibwanga okutuusa lwe baamala okufuna Omwoyo Omutukuvu. Mujjukira ekiro nga tebannamulyamu lukwe...manya lwe baamulyamu olukwe, bwe baali tebannamulyamu lukwe? Yesu yagamba Simooni Peetero nti, "Bw'olimala okukyusibwa, onywezanga baganda bo." Ate nga Peetero yali amaze emyaka esatu n'ekitundu nga amugoberera, nga yagoba emizimu, n'awonya abalwadde, n'abuulira n'Enjiri, naye era (okusinziira ku Kigambo) yali n'okukyusibwa tannakyusibwa.

231 Kaakati, wandyagadde Omubaka bwa—bw'atyo mu mutima gwo akawungeezi ka leero? Bw'oba—bw'oba nga ddala Oyo omwagala...Omuntu omulala yenna ky'agamba tekirina kye kikyusa, Ye mutuufu, ow'oluganda, mwannyinaze. Ekyo nkimanyi nti kituufu. Osobola kaakano, nga tukotese emitwe gyaffe na buli liiso nga lizibirizza, si eri nze, nze ndi muntu buntu, ndi muganda wo, naye eri Kristo osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Ekyo nkikkiriza. Era mazima ddala njagala Kristo mu mutima gwange, Kristo yennyini owa Ssekukkulu"? Osobola okuyimusa omukono gwo kaakano? Katonda akuwe omukisa. Ekyo kirungi. Naawe, Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Bannange, emikono giri buli wamu.

232 Leka kibeewo, ow'oluganda; leka kibeewo, mwannyinaze; leka kibeewo, mukwano gwange; ojjuzibwe n'Omwoyo wa Katonda. Omuntu omulala yenna ky'agamba kikyusa ki? Jjukira nti, bulamu bwo. Tuyinza n'obutaba ku nsi we bunaakeerera ku makya, tetulina bukakafu bwonna—bwonna bwa kuba na bulamu busukka ku mukka guno gwe tussa mu nnyindo zaffe mu kaseera kano. Tuyinza n'obutaddamu kussa mukka, okuggyako olw'ekisa kya Katonda kyokka. Kati kigasa kitya, k'obeere nga otambulidde mu bulamu obulungi okwenkana wa na biki . . . ? Yesu yagamba nti, "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, tewali ngeri yonna gy'aliyingirayo."

233 Kaakati, mmanyi *ebigambo ebikozesebwa* okunnyonnyola okuzaaliwa omulundi ogw'okubiri, naye leka twekenneenye ekyabaawo mu Bayibuli bwe baazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Peetero yali mukkiriza, abatume baali bakkiriza, naye baali tebazaalibwanga mulundi gwa kubiri okutuusa Omwoyo Omutukuvu lwe yabakkako ku Pentekoote. Kati, abantu baali beewuunya kiki ekyali kibaddewo, Peetero n'abagamba, nga ali wamu n'abalala nti, "Mmwe abasajja Abaisiraeri, mutegeere kino nti; Yesu Omunazaleesi, omuntu eyabalagibwa Katonda mu bubonero n'ebyamagero n'ebyewuunyo, Katonda bye yamukolerangamu; Oyo eyamanyirwawo, olw'okuteesa kwammwe gwe mwatwala ne mumukomerera n'emikono gy'abantu ababi, Oyo Katonda yamuzuukiza era tuli bajulirwa Be. Oyo y'akoze kino kye mulaba era kye muwulira kaakano, era kiri ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba."

234 Era, bwe baawulira ebyo, ne bafumitibwa mu mitima gyabwe, ne bagamba nti, "Abasajja ab'oluganda, tuyinza kukola ki okulokolebwa?"

235 Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye!"

236 Kaakati, mukwano gwange Omukatuliki atudde wano, nga nkimanyi mulinga bana oba bataano abatudde wano. Kino nnali nkikubaganyaako ebirowoozo n'omusosodooti wammwe, ob'olyawo si musosodooti *wammwe*, naye omu ku basosodooti Abakatuliki, n'agamba nti, "Yesu yawa ekereziya obuyinza okuggyawo ebibi, 'Buli gwe muliggyako ebibi bye, birimuggyibwako; buli gwe mulisibirako ebibi bye, birimusigalako.'" Ekyo kituufu. Naye leka twekkaanye engeri gye yakikolamu, engeri abatume gye baateeka mu nkola ekiragiro Kye, ssi nga—nga omusosodooti bw'akikola leero.

237 Naye omusosodooti eyasooka, bwe muba ba kumuyita bwe mutyo, Peetero, eyalina ebisumuluzo by'Obwakabaka, yagamba tukikole tutya? Yagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaweebwa ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri

abo abali ewala, n’abo bonna Mukama Katonda waffe b’aliyita.” Era Katonda bw’aba akyayita, obumanyirivu bwe bumu weebuli gy’oli bw’onoogoberera endagiriro y’emu. Ekibiina kino bwe kiba nga Ekyo kikkiriza, nga emitwe gyammwe mukyagikotese, mugambe nti, “Amiina.” [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.] Kati, ekintu ekirala kyonna ekitali Ekyo kiba kikontana n’Ekigambo, era tekiri nga Omusumba bw’agamba.

238 Ayi Mukama Yesu, kaakano bali mu mikono Gyo. Nsaba nti buli mutima omuggule akawungeezi ka leero ogutannafuna Kristo, Masiya (nga Kristo kye Kigambo, Ekigambo ekifukiddwako amafuta nga kirabisiddwa), era bwe waabawo emitima egigguddwa akawungeezi ka leero egitalina Masiya oyo, Ekirabo kya Ssekukkulu ekya nnamaddala, Ekirabo kya Ssekukkulu ekya nnamaddala kyokka, Katonda kye yawa ensi, era n’akirangirira eri ensi okuyita mu basumba, eky’Omwana gw’endiga Gwe, Omutango ku lw’ekibi, era omutima ogwo bwe guba muggule akawungeezi kano, gusseemu, ayi Mukama, Masiya Ekigambo eky’ekiseera kino. Tubawaayo gy’Oli mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana Wo. Amiina.

239 Mumwagala? Mumukkiriza? “Musooke munoonye Obwakabaka bwa Katonda, n’obutuukirivu Bwe, ebirala byonna biribongerwako.”

240 Ab’emikwano, nga tetunnabasiibula, njagala njogere kino. Emirundi mingi, abantu tebategeera bulungi kye ntegeeza. Nnina Obubaka okuva eri Katonda, era Obubaka obwo nteekwa okubulangirira ka kibe kiki. Nkimanyi tebabutegeera bulungi. Bwe kitandibadde bwe kityo, tebwandibadde Bubaka bwa Katonda; Tebuyinza kuba. Waliwo ebireetawo okubuusabuusa bingi leero y’ensonga lwaki Tebutegeerwa mu ngeri ntuufu. Nzikiriza nti Katonda alina abantu mu buli kibiina kya ddiini na buli kibiina ekiri mu nsi, era tekiri nti nnwanyisa baganda bange. Nnajja wano mu Tucson, emyaka esatu egiyise, ne mbeera n’olukuŋŋaana nammwe abaweereza engulu eri mu kkanisa y’Ow’oluganda Gilmore, ne bambuuza nti, “nnajja wano kutandika kkanisa?”

241 Ne mbagamba nti, “Nedda, ssebo. Nnajja wano kuyamba *mmwe*.” Naye tewali y’abadde kumpita, mu bbanga lya myaka esatu. Naye era kye kimu, ndi wano kubayamba. Ndi wano kubeegattako tukolere wamu, si kwegatta ku bibiina byammwe, naye kubeegattako emikono n’omutima ku lw’Ekigambo kya Katonda, okugezaako okubuulira Enjiri eri buli mmeeme eyabula na buli muntu yenna ali mu bwetaavu awulira amaloboozi gaffe.

242 Nneewaayo eri Katonda, akawungeezi kano, n’omutima gwange gwonna, n’ebyo byonna ebiri munda yange. Ssirina bingi bye nnyinza kuwaayo; ssisobola kuleeta bubaane, na mugavu, na zaabu, kubanga ssibirina. Naye kyokka kye nnina mu nze

Katonda kye yampa, bwe bulamu buno, nziramu okubuwongayo gy'Ali akawungeezi kano, ku mmanvu ey'Ekigambo Kye mu mutima gwange; era mmusuubiza, okuyimirira n'Ekigambo ekyo, bw'Anaanzikiriza okuba nga nkyali mulamu omwaka omulala, okubeera omwesigwa nga bwe nsobola; mbuulire buli katundu ku Kigambo ekyo, era nzikirize buli katundu ku Kyo; nsaba, Katonda, annyambe. Nammwe munaakola ekintu kye kimu wamu nange?

243 Tusembeze, ayi Mukama. Twaniriza Ekirabo Kyo ekya Ssekukkulu, Masiya, Ekigambo ekifukiddwako amafuta ekikakasa Okubeerawo Kwo awamu naffe, ayi Mukama, si nsonga kikwate kya njigiriza ki kye tukkiriza oba kibiina kya ddiini ki mwe tugwa. Tukiraba, ffe ffennyini olwa leero, nti ensi esasika, naye ate wano Masiya ow'amaanyi ayimiridde nga ayanjaluzza emikono Gye: Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, oyo eyakola ebisuubizo, n'agamba nti mu nnaku zino ez'oluvannyuma, ekkanisa eryekolamu ebibiina okutuusa lw'eriyingira mu Lawodikiya. Era tukiraba leero, ayi Mukama.

244 Tuyinza kukola ki, ayi Katonda omwagalwa? Kiki kye nnyinza okukola? Nnyamba wamu n'abasumba bano abalala, ayi Mukama, okwetooloola ensi yonna, abasumba ab'Ekigambo, tukirangirire, ayi Mukama, mu mwaka guno ogujja. Tuyambe, ayi Mukama, tukusaba. Tuwe Okwagala Kwo n'Omwoyo Wo n'Omusana Gwo. Twewaayo akawungeezi kano eri Ekigambo Kyo n'eri okuyitibwa Kwo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, twaniriza Ekirabo Kyo ekya Ssekukkulu: Ekigambo kya Katonda ekyambadde omubiri mu ffe. Amiina.

245 Njagala nnyo ennyimba z'ekkanisa. Pawulo yagamba, mu Bayibuli nti, "Bwe nnayimba, nnayimbira mu Mwoyo. Bwe mbuulira, mbuulirira mu Mwoyo. Bwe . . . buli kye nkola kyonna, byonna mbikola mu Linnya lya Yesu Kristo." Kaakati, nga bwe kiri nti kino kibadde kikalubamukko gye muli, era mba—mbasiima, nnazze n'Obubaka buno, oluusi mba nga atayagala na kububuulira, naye ki—kinkakatako okububuulira, ab'oluganda. Bwe ssibubuulira, mba munnanfuusi. Bwe sibubuulira, mba ndiddemu olukwe okulumirizibwa kwange kwennyini, ne—n'okukkiriza kwange mu Kigambo kya Katonda. Nteekwa okububuulira, si kwagala kubeera wa njawulo, wabula kubeera mwesigwa eri okuyitibwa kwange. Era njagala kubayamba, njagala nkole buli kimu kyonna kye nsobola okukola.

246 Kati leka tuyimbe olumu ku nnyimba ezisingayo okuba enkulu ezaali ziyimbiddwa, ndwagala nnyo olwo olugamba nti, *Mmwagala*. Mumanyi, nzikiriza singa ffenna tubadde tumwagala, twandikoze bye Yatugamba tukole. "Muyinza mutya okumpita, 'Mukama wammwe,' ate ne mugaana okukola bye Mbalagira okukola? Muyinza mutya okumpita, 'Mukama wammwe,' ate ne mutakola bye Mbalagira?"

247 Osobola okulondawo okuwuliriza omusumba akolera empeera akugamba mbu “wandiisa erinnya lyo mu kitabo, otweggatteko; lya okussa ekimu kuno, yogera *kino*, awo nga kiwedde,” nga Omusumba Omukulu Yennyini yagamba nti “okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw’okubiri tasobola yadde okulaba Obwakabaka bw’Eggulu”?

248 Kati mulabe abaasomerera eby’eddiini abo ab’ekiseera ekyo, abaatendekebwa! Batukuvu? Bulamu bulongoofu? Tetulina be tuyinza kubageraageranya nabo leero, obulamu mwe batambuliranga. Naye Omusumba Omukulu yabayita ki? Yabagamba nti, “Muli ba kitammwe ssetaani,” kubanga teba . . . Ekigambo baali baakitegeera, naye Ekigambo eky’ekiseera ekirala, si Kigambo eky’ekiseera *ekyo*.

249 Bwe baba baategeera ebiro bya Nuuwa, ekyo kyali kirungi, ebyo byali biro bya Nuuwa; naye byali tebiyinza kukola mu biro bya Musa. N’ebiro bya Musa byali tebiyinza kukola mu biro bya Kristo. Mukiraba? Ebiro bya Luther tebiyinza kukola mu biro bya Wesley. Ebiro bya Wesley tebiyinza kukola mu biro bya Bapentekoote. Kati n’Abapentekoote bakoze ekintu kye kimu bali abalala bonna kye baakola. Kaakati, b’ani abannyamba mu biro ebyayita? Mbabuuza.

250 Omutunsi gw’akasubi bwe gututunukayo, kiba kiki? Kiki . . . omutunsi gw’eŋŋaano bwe gututunukayo. Yesu yagamba nti, “Empeke y’eŋŋaano bw’etagwa mu ttaka.” Kiki ekibaawo empeke y’eŋŋaano bwe . . . manya eŋŋaano bw’egwa mu ttaka? Ekintu ekisooka okuvaayo ke katunsi. Kabeera—kabeera tekafaanana na mpeke yasigibwa mu ttaka. Mwetegereze obutonde. Kabeera tekafaanana nga mpeke yasigibwa, naye ke kabeera keetisse Obulamu bw’empeke. Kiki ekyajja . . .

251 Omukaafiiri oli eyaakawandiika ekitabo ekyayatiikirira ennyo ekiyitibwa, *Katonda Omusirifu*, kigamba nti, “Wayinza watya okubaawo Katonda eyasobola okwawulamu Ennyanja Emmyufu, naye n’ayimirira n’atafaayo okuyita mu myaka olukumi egy’ekizikiza n’alaba abaana abato nga baliibwa empologoma, n’abantu nga bawanikibwa ku misaalaba, n’okutirimbulwa mu bisaawe ne mu bifo ebirala, naye n’atayasamya kamwa Ke n’akatono?” Mukiraba, Ekigambo kuba kubikkulirwa.

252 Eŋŋaano eyo, eŋŋaano eyo yennyini bwe yatandika ku lubereberye, teyakola ekyo Katonda kye yali ayagala. Ku nkomerero ya byonna ne wajja Eŋŋaano, eyolekera ddala Katonda, eyayoleseza ddala Ekigambo Kye mu bujjuvu bwakyo okutuusa okuba nti Ye yali Kigambo. Katonda kye yava amuwa Omugole ku Pentekoote; naye Omugole oyo n’agwa mu ttaka okuyita mu mirembe egy’ekizikiza, nga eŋŋaano entuufu bwe yakola, Yagwamu. Naye lwaki teyasobola kubaako ky’ekola?

Kubanga yali ekwekeddwa mu ttaka, yalina okusooka okuvunda nga tennaleeta bulamu.

253 Naye lumu ne wajja omusosodooti omuto, eyali ayitibwa Martin Luther, n'atutunulayo Ekigambo kimu eky'Amazima: "Omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza," omutunsi ne guvaayo; n'omutunsi omulala ne gugoberera, Zwingli, ne wajja Calvin ne Knox n'abalala abaddirira.

254 Era ekyaddirira, n'ekyusa omutunsi, n'efuuka oluyange. Kati, oluyange olwo lwafaanana nnyo ensigo okusinga omutunsi, naye era si lwe lwali ekintu kyennyini ekyasigibwa mu ttaka, awo ne wajja Wesley. Mu Wesley ne muvaamu ekkanisa y'Abamesodisiti, mu kkanisa y'Abamesodisiti ne muvaamu Abanazaliini, ne ba United Brethren, n'abalala. Kiki kye kyakola? Nate yaddayo n'ebaako kye yaleeta, ekyali kifaananira ddala nga empeke y'eŋŋaano yennyini, Pentekoote.

255 Kaakati, mwetegereze Yesu, mu Matayo 24:24, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, emyoyo gyombiriri giriba gifaanagana nnyo okutuusa nti ogw'obulimba gwandirimbye n'Abalonde bennyini, ssinga kyali kisoboka." Kati, empeke y'eŋŋaano eyo bwe yavaayo, buli mulimi w'eŋŋaano akimanyi bulungi nti ku mutendera ogwo ebeera efaananira ddala, nga empeke y'eŋŋaano. Naye tuula wansi ogikwate mu ngalo zo, ogyanjuluze. Munda temubaamu ŋŋaano, kibeera kisusunku. Naye bwe weetegereza ennyo emabega eri awasemba, nga okozesa ekirawuli ekizimbulukusa osobola okulaba akalimi akatono, omwo mwe muva empeke. Kaakati ekisusunku ekyo kiba kya kukola ki? Kiba kya kukuuma mpeke, omusana omungi gusobola okugitta, kikuuma ensigo okutuusa lw'ekula. Era empeke bw'ekula, nga ekisusunku kigyesusumbulako. Naye, mwali mukyetegerezza nti, empeke eyo evaayo mu kaseera ako, eteekwa okuba ekika ky'empeke eri yennyini eyasigibwa mu ttaka.

256 Okudda obuggya kwa Luther bwe kwavaawo, waddawo kibiina kya buntu. Okudda obuggya kwa Wesley, bwe kwavaawo, waddawo kibiina kya buntu. Alexander Smith bwe yavaawo, John. . . Alexander Campbell, John Smith, n'abalala bonna, waddawo kibiina kya buntu. Abapentekoote bwe bavuddeko, abafaananira ddala ekintu kyennyini, naye nabo bafuuse kibiina kya buntu. Kiki kye kyakola? Kyesusumbulako.

257 Twakabeera n'emyaka kkumi n'etaano egy'okudda obuggya, tekibangawo mu byafaayo byonna. Ate weetegereze, mu kudda obuggya kuno okw'emyaka ekkumi n'etaano, Kubunye buli wamu wonna mu nsi yonna, naye tewali kibiina kyonna kigunjiddwaawo kuva mu kudda obuggya Kuno. Kwali ludda wa? (Kwatandika enkuba eya ddumbi, n'efiira mu. . . mbagirawo, n'efa.) Kuno tewannabaawo kibiina kyonna kikugoberera. Lwaki? Ye nsigo Yennyini, tewayinza kubaayo

kirala kyonna. Era ekisusunku kigenda kyesusumbulako, tewali kukolagana, tewali akwetaaga. Lwaki kiri bwe kityo? Kirina kubeera Ekyo.

258 Lwaki ekkanisa eyo yateekebwawo? Kuwanirira Nsigo. Wa. . . B'ani abandikolaganye nayo? Mubaputisiti ki, oba Mupulesibiteriyani ki, oba Muluzaliini ki eyandiwagidde olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda? Kaakati Amazima bwe gavaayo, kiki ekiddirira? Ssi kisusunku; naye Obulamu buva mu kisusunku, ne budda mu nsigo, Obulamu bwennyini obwa nnamaddala. Ekibiina ekigunje ne kiyimirira awo, ne kifa, era nga bwe kizze kikola mu buli mulembe, kikola ekintu kye kimu. Ekyo mwali mwakivaamu, emyaka amakumi ataano egiyise, naye ate ne mukiddamu! Naye Obulamu bwennyini bugoberera mpeke, tuli ku nkomerero, ab'oluganda.

259 Lwaki kyesusumbula ne kivaako? Kisobole okusobozesa ensigo okujja mu kubeerawo kw'Omwana, okwengeza ensigo okutuusa lw'enaayengerera ddala obulungi ku lwa Mukama. Lwaki kyesusumbudde ne kivaako? Kisobole, okuleeta okulumwa omutima, n'amaziga, baleme okugalamira wansi w'e-n-j-u-ba, wabula wansi w'O-m-w-a-n-a, bengezebwe Enjiri enzijuvu, okwoleka buli kimu kyonna Yesu Kristo kye yasuubiza mu Bayibuli. Olwa leero waliwo Omubiri ogugolokoka wakati mu bantu. Era tewajja kuddamu kubaawo bibiina birala byonna, bigenda kuwunzikira mu Lawodiikiya engagga. Kiki ekikulaakulanyizza ebibiina? Obukadde n'obukadde bwa ddoola, n'obukadde n'obukadde bw'emmeeme.

260 Ate Omusumba yajjirira ki? Kununula baganda Be kubaggya mu busibe. Ssi—simanyi; Katonda, abeere naffe, atuyambe. Musome Ekigambo mukyekenneenye! Mukebere mu Byawandiikibwa! Mu Byo tulowooza nti tulina Obulamu Obutaggwaawo, ate nga Bye byogera ku Mazima. Mukiraba, buli mulembe Katonda yagugerekera Ekigambo Kye. Omulembe guno bulijjo . . .

261 Yesu yabayita ki bwe Yajja? Yagamba abantu abo nti, "Bannanfuusi mmwe! Musiiga langi enjeru ku bisenge, ne muzimba entaana za bannabbi, ate nga bakitammwe be baabassaamu. Era muli baana ba bakitammwe. Era emirimu gye baakola, nammwe mujja kugikola." Lubeerera kisigala kye kimu, baganda bange.

262 Naye Yesu lumu bw'alijja, Omusumba Omukulu ow'endiga okuva ku Pentekoote okuyita mu Luther n'okuyita mu mirembe gyonna, abo bonna abakkiriza Omusana nga bwe Gwajja okuyita mu abo abajja bawanirira ensigo, si abo abakkiriza abajja bawanirira ensigo, wabula abo abakkiriza Omusana, mukiraba, ne bafulumayo, Alijja okubanunula. Ndi musanyufu nnyo okukimanya nti Akomawo nate. O, wandyagadde okubeera ekitundu ku kibinja Kye? Wandyagadde okubeera ekitundu ku

bo? Waliwo engeri emu yokka ey'okukikolamu, si kuyita mu kwegatta ku kkanisa, wabula okuzaalibwa mu Ye. "Era abo bonna Kitange be yampa, balijja Gyendi, era tewali muntu yenna ayinza kujja okuggyako nga Kitange y'amuyise." Mukiraba, ky'ekyo kyokka, kukikkiriza bukkiriza. Ye. . .Ekyo ky'Ekirabo kya Ssekukkulu kyokka kye mmanyi, kye kirabo Katonda kye yawa ensi, Omwana We eyazaalibwa omu yekka. Era abeera bumu, jjo, leero, n'emirembe gyonna, Ekigambo. Mukiraba? Mumukkirize mu kiseera kino, obujjuvu bwa Bayibuli.

263 Ebyama ebyo omusanvu. . .Emabega eri okuyita mu Mirembe egyo Omusanvu egy'Ekkanisa, waaliwo ebyama ebikusike musanvu. Waliwo ekitabo kye mpandiika ku Mirembe egyo. Era waliwo eyakenkuka mu by'eddiini eyaŋŋamba gye buvuddeko, yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham. . . " Mulaba engeri Ssetaani gy'agezaako okukusika akujje ku kkubo? Yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nkubuulire? Nzikiriza Mukama agenda kukubikkulira kiki kye tulina okuzzaako. Kwe ku. . .kijja kuba kyama ekikulu ekyakwekebwa mu Bubonero buno Omusanvu."

264 Ne mmugamba nti, "Nedda, si ky'ekyo, ow'oluganda."

265 N'agamba nti, "Kijja kuba kintu ekitaawandiikibwa na mu Kigambo."

266 Ne mmugamba nti, "Nedda! Nedda! Weerabidde nti, 'Oyo yenna alyongerako wadde ekigambo kimu, oba alitoolako wadde Ekigambo ekimu.'" Mukiraba, kisangiddwa nga mwe kiri, naye abaddaabuluzi baalemwa okukiraba, tebaawangaala kimala kusobola kukiraba.

267 Era kati emirembe giweddeyo, we twogerera tuli ku Lawodiikiya. Era mujjukire nti, mu mulembe gwa Lawodiikiya, Yali bweru wa kkanisa, nga akonkona, agezaako okuyingira: Kaawa yali afulumizza Adamu we wabweru. Ayi Katonda, otuyambe. Leka tugende wabweru w'olusiisira tumunoonye. Leka tufulume ebweru w'olusiisira nga twetisse ekivume Kye. Leka tugende gy'Ali mu kufa Kwe, mu kuziikibwa Kwe, ne mu kuzuukira Kwe; kubanga Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

268 Leka tuyimbeyo oluyimba lumu nga tetunnava wano. Munaakikola? *Mmwagala.* Osobola okutuwa eddoboozi, mwannyinaffe? Bameka abamanyi oluyimba olwo olw'edda? Bwe. . .bw'oba wali obaddeko mu nkuŋŋaana, ndwagala nnyo.

269 Kati leka tuzibirize amaaso gaffe, tulowooze ku Yakuwa. Tewali muntu yenna yali asaanidde, tewali muntu yenna yali ayinza kukikola okuggyako Ye. Era Yakka wansi, n'afuuka omwana omuwere. Yajja, n'abeera omuvubuka asuumuse. Yafuuka omubazzi, omusajja omukozi. Yafuuka Omwana gw'endiga, Yafuuka ssaddaaka. Yazuukira nga muwanguzi, Yakuwa. Era nga Musa bwe yaggya omukono gwe mu kifuba

kye okuva mu mutima gwe, ne Katonda yaggya omukono Gwe okuva mu kifuba Kye (ekyama Kye) Omwana We eyakubibwa endwadde y'ekibi, etawonyezeka; n'aguzza mu kifuba nate, n'aguggyayo n'agwanjuluza eri ggwe nange: "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

270 Kaakano mumutunuulire.

> Mmwagala, mmwagala
> Kubanga Ye yasooka okunjagala
> Era n'asasulira obulokozi bwange
> Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

271 Bameka abakimanyi nti yalina kuba musumba, mugambe nti "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kiteekwa . . . Lwaki musumba? Kyalina kuba bwe kityo. Kaakati nga bwe tuddamu okuyimba ekitundu kino nate, baako g'okwatako mu ngalo. Munda wano waliwo Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abaluzalaani, Abapulesibeteriyani, Abakatuliki, n'abalala bonna, nga batudde wano akawungeezi kano. Mukwateko mu ngalo, omugambe nti, "Mutambuze munnange, ndi musanyufu nnyo okubeera wano naawe, akawungeezi kano." Baako ky'omugamba. Mugambe nti, "Katonda akuwe omukisa," nga bwe tukwatagana mu ngalo kaakano. Kati nga bwe tuluyimba nate.

> Mwa . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]
> . . . obulokozi bwange
> Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

272 Kaakano leka tuzibirize amaaso gaffe tuyimuse emikono gyaffe, tulumuyimbire.

> Mmwagala, mmwagala
> Kubanga Ye yasooka okunjagala
> Era n'asasulira obulokozi bwange
> Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

273 Era kati, Katonda talina nkula. Kale, leka tukoteke emitwe gyaffe tulumuumuunye kaakano, nga abaana abato, muli baana ba Katonda. Temutunuulira nsi ky'eyinza kulowooza, kati muli mu kusinza, musinza Kristo. Mukoteke bukotesi emitwe gyammwe mulumuumuunye. [Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba *Mmwagala*—Omuk.]

274 Temuwulira nga abakuutiddwa ne mutukula? Kiringa Ekintu ekikukuuse ne kikuggyako okubuusabuusa kwonna wamu n'ensi? Bwe mutyo bwe muwulira? Yimusa emikono gyo bw'oba ogamba nti, "Mpulira nga nzenna ngogoddwa. Mpulira nnina enjawulo. Mpulira nga abadde alya okuva mu ngalo Ze. Nnina . . . " Kiringa ow'oluganda ono wano bwe yawadde obujulizi nti, "Mmere, Mmere ya Musumba, Mmere ya ndiga." Ekyo kye Kigambo.

275 Endiga za Katonda zirya ku Mmere Ye, "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." Era kino kye Kino, Bayibuli. Tulya ku buli Kigambo, si ebimu ku Bigambo, wabula buli Kigambo ekifuluma. O, ekyo tekibaleetera okumwagala? Okukirowoozaako obulowooza nti kati tulina Obulamu Obutaggwaawo! Si nti tuliba nabwo, naye *kati* tuli baana ba Katonda. Si tulibeera, wabula kati! Era tutudde wamu mu bifo eby'omu ggulu *mu* Kristo Yesu. Era ttivi ennene, ekakasa nti waliwo ejjengo lya essa erireetera abantu (omuntu atambula okwetooloola ensi) okulabibwa ku—ku lutimbe lwa ttivi. Ekigambo kya Katonda eky'amaanyi, n'Omwoyo wa Katonda atwala Ekigambo kya Katonda, ayoleka Yesu Kristo mu bifo eby'omu ggulu eri endiga Ze, nti abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ssi mulungi nnyo? Mulungi nnyo! Katonda abawe omukisa.

276 Kaakati leka tuyimirire okumala akaseera. Mulina agenda okusiibula abantu? Kati, jjukira kino, mu biseera bya Ssekukkulu, sinza Mukama waffe Yesu. Musinze mu Maanyi ag'okuzuukira Kwe. Era bwe wabaawo ekintu kyonna kye nsobola okukukolera, ggwe, omusumba wo, ekkanisa yo, oba ekintu kyonna, nsaba ekiro kireme kukwata nnyo nzikiza, n'enkuba ereme kutonnya nnyo.

277 Luli ekiro (waliwo omukyala ayimiridde wano) Nnalina ebintu bingi nnyo bye nnali nkolako, nnasisinkana abalwadde n'ebintu ebirala okutuusa. . . Waaliwo omukazi omukadde ow'emyaka egisoba mu kinaana eyali atabuse omutwe, era yalina. . . yali alowooza ku kuzaala mwana oba ekintu bwe kityo, yali atabuse omutwe. Billy, nga ali mu wofiisi, n'ankubira essimu n'aŋŋamba nti, "Taata, osobola?"

278 Ne mmugamba nti, "Mu kaseera kano sisobola. Waliwo abantu. . . sisobola kukikola."

279 N'aŋŋamba nti, "Taata, osobola okuyingira mu kusaba? Ŋŋenda kubagamba nti oli mu kusaba."

280 Ne mmugamba nti, "Weewaawo." Era mu kaseera ako kennyini omukazi n'atereera. Yeebaka, n'agolokoka nga ategeera bulungi; n'alya, eky'eggulo nga kiriko n'enkoko, nga ategeera bulungi nnyo. Waliwo omuntu eyakiwaddeko obujulizi wano gye buvuddeko katono.

281 Ow'oluganda Mack, nnina we nnamulabye wano gye buvuddeko, mu kkanisa. Ali wano, omu ku basumba, abasumba ab'omu kitundu kino. Ow'oluganda omwagalwa ennyo, era bulijjo mbaddenga njagala Ow'oluganda Mack okuviira ddala nga nnaakatandika obuweereza. Era nnamusisinkana. . .

282 Era nnali ngulu eri mu British Columbia; okubalaga engeri Katonda gy'akola buli kintu mu ngeri entuufu. Nnali mmaze okwebagala embalaasi, nga nzirayo mu ttale gye

nnali nkulembeddemu ekibiina ky'Abayindi bannansangwa okubaleeta eri Katonda; era bonna baali balokose, nga bakkirizza Yesu.

283 Era okuyita mu bunnabbi obwategeeza omuvubuka Omuyindi nnansangwa eyali abuliddwaako embalaasi ye, emyaka ebiri egyayita, ne kumutegeeza we yali agenda okugisanga, n'obuwanvu bw'olugendo oluliwo, n'embalaasi w'enaaba eyimiridde. Maama we yali afa nga alina obulwadde bw'omutima. Naye n'awonyezebwa era n'alokolebwa. Kati omuvubuka ono, bwe yajja n'agiraba, nga akimanyi nti a. . . embalaasi ye yagisanga mu ngeri yennyini nga bwe yali agambiddwa, na buli kimu.

284 Tewali Kigambo n'ekimu Mukama kye yali ayogedde. . . Njagala okubaako gwe mbuuza, "Yali A. . . mwali mumuwulidde nga Ayogera ekintu kyonna, kye Yali aŋŋambye mbagambe, ne kitatuukiririra ddala nga bw'akibagambye?" Ekyo bwe kiba kituufu, mugambe nti "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mukiraba? Mukiraba? Ddala, tekiremwangako wadde omulundi ogumu.

285 Kati Ow'oluganda Mack yali ku ndiri nga ali ku njegoyego za kufa, mukyala we n'akubira Billy essimu. . . mukamwana wange, n'amugamba. . . n'amubuuza gye nnali; omukyala oyo omwagalwa ne. . . mukyala we. Kye yava. . . Mukamwana wange n'amuddamu nti, "Ali wala nnyo mu bukiikakkono bwa British Columbia yagenda kuyigga."

286 Naye ku olwo ku makya, mu ngeri emu, nna—nna—nnalemererwa okwebagala embalaasi okusimbula ŋŋende. Billy kye yava agamba nti, "Ndowooza ab'eka leka nziremu mbakubire ku ssimu." N'agenda ku posta we bakubira essimu. Ne bakomawo nga badduka, nga omuvubuka oli omuyindi ayimiridde awo, omuvubuka. . . eyali yabulibwako embalaasi, ne bantegeeza nti, "Ow'oluganda Mack ali bubi nnyo anaatera okufa, era akuyita."

287 Ne nneeyawula, ne ŋŋenda mu kibira ne nfukamira wansi. Ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda omwagalwa, emmanga eri, mayiro enkumi ssatu okuva wano mu ssaza, eryakamu ennyo omusana erya Arizona, mu Tucson, waliyo muganda wange, ali ku njegoyego z'okufa. Osobola okumuyamba?"

288 Ne wabaawo Ekintu ekyayogera nange ne kiŋŋamba nti, "Byonna biri bulungi."

289 Era luli bwe nnasisinkana Ow'oluganda Mack, okwogerako naye, ne mmubuuza nti, "Ekyo kyabaawo ku ssaawa mmeka?" yali ssaawa eyo yennyini gye twayingirira mu kusaba.

290 O, Ye. . . Ssi mulungi nnyo? Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ndi musanyufu nnyo okukimanya nti mbeera mu Kubeerawo kwa Kabaka.

291 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe, era wano waliwo ow'oluganda omwagalwa, ow'oluganda omuminsani, mukwano gwange, mmemba wa Assemblies of God, ow'oluganda omwagalwa wano. Mmuyita, "Creechy." Yayogedde ebigambo ebirungi. Ow'oluganda Creech, nze bwe ntyo bwe nkweyitira. Ssimanyi kya kwogera, oli muganda wange era muweereza munnange mu kubonaabona kwa Yesu Kristo mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Katonda abawe omukisa. Era ndowooza Ow'oluganda Tony yagambye nti ggwe ogenda okusiibula ekibiina ku mulundi guno, nga tukotese emitwe gyaffe. Kale, jangu.

64-1221 Lwaki Yalina Kuba Musumba
mu Ramada Inn
e Tucson, Arizona Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org